# LAA ILAAHA ILL'ALLAH
## AMAKULU GAAKYO, EMPAGI ZAAKYO, N'OBUKWAKKULIZO BWAKYO

i

*Kiwandiikiddwa*

**Muhammad Quraish Mazinga Abu Sa'ad**

## EBIRI MUNDA

| | |
|---|---|
| Enyanjula | 3 |
| Amakulu g'ekigambo Laa Ilaaha Ill'Allah | 5 |
| Enzivunula enkyamu | 6 |
| Empagi z'akyo ebbiri | 10 |
| Laa Ilaaha Ill'Allah mu bikolwa | 22 |
| Laa Ilaaha Ill'Allah ddoboozi oba makulu? | 26 |
| Essanyu liriwa ? | 35 |
| Allah akkiriza okwenenya kw'omusiraamu | 40 |
| Obukwakkulizo bwa Laa Ilaaha Ill'Allah | 43 |

﷽

Amatendo amalungi era amajjuvu ga Allah عز وجل Omutonzi era Omulezi w'ebitonde. Musaba asse okusaasira n'emirembe ku Mubaka ow'ekitiibwa Muhammad ﷺ. Omubaka ow'enkomerero eyatumwa eri abantu bonna abaggye mu kusinza ebibumbe, emiti, amayinja, lubaale, enjuba, emmunyenye, ba Malaika, ba Nabbi n'ebintu ebirala, abazze eri okusinza oyo yekka eyabatonda, abalabirira, akyusakyusa embeera z'obulamu bwabwe nga tebamugasseeko kintu kyonna.

Omulungi Omukkiriza, kimanye nti ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ky'ekisumuluzo ky'ejjana. Tewali agenda kuyingira Jjana wadde okuwunyiriza ku kawoowo kaayo okuggyako ng'obulamu bwe bwatambuliranga ku makulu g'ekigambo ekyo. Buli yenna eyayatula ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***, n'ategeera bulungi amakulu gaakyo, n'agakkiririzaamu era n'agakolerako aba Musiraamu ateekeddwa okuyingira Ejjana y'omutonzi Allah سبحانه وتعالى.

Ate omuntu yenna eyagaana okwatula ekigambo ekyo, oba eyakyatula kyokka nga tamanyi makulu gaakyo, oba ng'agamanyi kyokka nga tagakkiririzaamu, oba ng'alina empagi gy'atayimirizaawo ku mpagi zaakyo ebbiri, oba ng'alina akakwakkulizo ku bukwakkulizo bwakyo omusanvu k'atalina, omuntu oyo taba Musiraamu ne bw'aba musaaze nnyo, nga musiibi nnyo, ng'asaddaaka nnyo, nga n'okweyita yeeyita Musiraamu - nga bw'onookiraba mu bugazi *Insha Allah*.

Mu kitabo kino, tugenda kulaba ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekyo Abasiraamu abangi kye balowooza nti bakimanyi bulungi, so nga bangi tebakimanyi okuggyako okumanya eddoboozi lyakyo. Bangi balowooza nti kasita

oyatula ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** oba omaze! Wadde tomanyi makulu gaakyo matuufu!! Tebakimanyi nti ekifuula omuntu Omusiraamu ssi ddoboozi lya kigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** wabula ekifuula omuntu Omusiraamu kuba kumanya n'okukkiriza amakulu g'ekigambo ekyo ky'ayatula wamu n'okwewala ebikimenyawo.

Buba buswavu bw'amaanyi omuntu okulowooza nti ekigambo ekisinga ekitiibwa mu ddiini y'obusiraamu kyogerwa bwogerwa tekirina makulu. Buba buswavu bw'amaanyi omuntu okulowooza nti eddoboozi lya ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** lye lyawula wakati w'abasiraamu n'abakaafiiri so ssi makulu gaakyo. Buba buswavu bw'amaanyi omuntu okulowooza nti ekigambo ekyatondesa eggulu n'ensi, ne kitondesa abantu n'amajinni, ne kitumisa ababaka, ne kissisa ebitabo, ne kitondesa omuliro n'ejjana kyogerwa bwogerwa tekirina makulu.

N'osanga abaddu bangi nga beebagala ebintu ebimenyawo ekigambo ekyo - ng'okusamira - kyokka nga tekiva ku nnimi zaabwe!! Ne bawangaalira ku bukaafiiri kyokka nga bo beerowooza okuba Abasiraamu era nga n'okukyatula bakyatula nti: Tetusobola kukaafuwala nga twogera ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***!!!!!!!!!! ***Innaa Lillaahi Wa Innaa Ilaihi Raaji'uun.***

## AMAKULU G'EKIGAMBO 'LAA ILAAHA ILL'ALLAH'

Ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kitegeeza nti: **'Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah'**. Amakulu ago gategeeza nti: **'Ekitali Allah bwe kisinzibwa kiba kisinziddwa mu bukyamu'.** N'olwekyo, ekigambo ekyo kimenyawo buli kyonna ekisinzibwa ekitali Allah ﷿ nti kisinzibwa **'mu bukyamu'** ate ne kiyimirizaawo okusinzibwa kwa Allah ﷿ yekka mu **'butuufu'**. Yagamba ow'ekitiibwa Allah ﷿ ng'atunnyonnyola ensonga eyo nti:

﴿ذَٰلِكَ بِأَنَّ ٱللَّهَ هُوَ ٱلۡحَقُّ وَأَنَّ مَا يَدۡعُونَ مِن دُونِهِۦ هُوَ ٱلۡبَٰطِلُ ٦٢﴾ الحج

**Ekyo lwa kuba nga Mazima ddala Allah ye yekka (asinzibwa mu) Butuufu. Era mazima ddala ebyo bye basinza ebitali ye, (bisinzibwa mu) bukyamu.**

N'agamba Allah ﷿ nti:

﴿۞ وَقَضَىٰ رَبُّكَ أَلَّا تَعۡبُدُوٓاْ إِلَّآ إِيَّاهُ ٢٣﴾ الإسراء

**Yasalawo Omuleziwo nti: Temusinzanga okuggyako ye yekka.**

# ENZIVUUNULA ENKYAMU

Tukirabye waggulu nti ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kitegeeza nti: "Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah ﷾". Bwe weetegereza amakulu ago, okiraba bulungi nti abantu bangi bavvuunula ekigambo ekyo mu nzivuunula enkyamu nga n'ezimu ku nzivuunula ezo zimenyerawo ddala amakulu gaakyo! Ezimu ku nzivuunula enkyamu ze zino:

# ENZIVUUNULA ENKYAMU ESOOKA

Enzivuunula enkyamu esooka: **'Tewali kisinzibwa mu biriwo byonna okuggyako Allah'**. Enzivuunula eyo tekoma bukomi kuba nkyamu nnyo wabula emenyerawo ddala amakulu g'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah.*** Eky'ennaku ennyo abantu abasinga obungi mu ggwanga lyaffe lino bwe batyo bwe bakivvuunula!

Singa ogamba nti ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kitegeeza nti: **'Tewali kisinzibwa mu biriwo byonna okuggyako Allah'**, oba okoze ensobi ennene. Esooka: Oba olimbisizza Allah n'omubaka we, n'abasiraamu bonna! Allah yatukakasa mu Ayaat nyingi nti waliwo ebisinzibwa ebitali ye wabula nga byonna bisinzibwa mu bukyamu. Yagamba nti:

﴿ وَيَعۡبُدُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ مَا لَا يَنفَعُهُمۡ وَلَا يَضُرُّهُمۡۗ ﴿٥٥﴾ ﴾ الفرقان

**Ne basinza ebitali Allah ebitasobola kubagasa wadde okubakosa**

N'omubaka Muhammad yatukakasa mu Hadiith nyingi nti waliwo ebisinzibwa ebitali Allah kyokka nga byonna

bisinzibwa mu bukyamu. N’abasiraamu bonna bakkiriza nti waliyo abasinza ebitali Allah era ng’abo be bayitibwa abakaafiiri. Kati ggwe bw’ogamba nti: **'Tewali kisinzibwa mu biriwo byonna okuggyako Allah',** oba owakanyizza Allah n’omubaka we, N’abasiraamu bonna**.**

**Ensobi ey’okubiri:** Oba otegeeza nti abantu bonna ku nsi Basiraamu!! Anti ogambye nti: **'Tewali kisinzibwa mu biriwo byonna okuggyako Allah'**. Bwe kiba nga tewali kirala kisinzibwa kitali Allah, kiba kitegeeza nti abantu bonna basinza Allah ﷾ yekka, ate bwe baba nga basinza Allah ﷾ yekka baba Basiraamu - kubanga buli asinza Allah ﷾ yekka aba Musiraamu.

So nga buli Musiraamu akimanyi bulungi nti ebisinzibwa ebitali Allah ﷾ weebiri bingi nnyo. Waliwo abasinza lubaale, waliwo abasinza ebibumbe, waliwo abasinza Yesu, waliwo abasinza biikira Maariya, waliwo abasinza dajjaali Bishaka, waliwo abasinza saabakaafiiri Ngobya, waliwo abasinza Krishina, waliwo abasinza enjuba, waliwo abasinza Buddha, waliwo abasinza omwezi, waliwo abasinza emmunyenye zomumpapula z'amawulire, waliwo abasinza emiti, waliwo abasinza ensozi, waliwo abasinza yirizi, waliwo abasinza ebigali, waliwo abasinza ebiggwa, waliwo abasinza abalongo n'ebirala bingi ebisinzibwa ebitali Allah ﷾.

Wabula ebintu ebyo byonna bisinzibwa mu bukyamu, ekisinzibwa mu butuufu ye Allah ﷾ yekka. N'olwekyo, singa ekigambo **'mu butuufu'** kibulamu, kiba kivvuunuddwa mu bukyamu kubanga ekigambo **'mu butuufu'** kye kiggyamu ebisinzibwa mu bukyamu. N'olwekyo, enzivuunula entuufu eri nti: **'Tewali kisinzibwa 'mu butuufu' okuggyako Allah'**. Ekitegeeza nti waliwo ebisinzibwa ebitali Allah naye nga

byonna bisinzibwa **mu bukyamu**. Amakulu ago ow'ekitiibwa Allah ﷿ ge yatuma nago ababaka be bonna. Yagamba nti:

﴿ وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولًا أَنِ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطَّاغُوتَ ۖ (٣٦) ﴾
النحل

**Era mazima twatuma mu buli kibiina Omubaka (abalagire nti:) Musinze Allah yekka, mwewale (okusinza) ebitagwanidde kusinzibwa.**

N'alagira abantu bonna nti:

﴿ ۞ وَاعْبُدُوا اللَّهَ وَلَا تُشْرِكُوا بِهِ شَيْئًا ۖ (٣٦) ﴾ النساء

**Musinze Allah yekka, temumugattako ekintu kyonna.**

## ENZIVUUNULA ENKYAMU EY'OKUBIRI

Enzivuunula enkyamu ey'okubiri: **'Tewali kisinzibwa mu biriwo byonna mu butuufu okuggyako Allah.'** Enzivuunula eyo nayo nkyamu nnyo wadde nga mulimu ekigambo 'mu butuufu' ekitabadde mu nzivuunula enkyamu gye tulabye waggulu. Anti ekigambo <u>**'mu biriwo byonna'**</u> kimenyawo ebyo byokka ebiriwo ebisinzibwa mu kiseera ekyo ne kirekawo ebyasinzibwanga edda ebitali Allah ﷿ n'ebirisinzibwa mu maaso ebitali Allah ﷿.

Avvuunula bwatyo aba ng'ategeeza nti ebyasinzibwanga edda ebitaliiwo kati byasinzibwanga mu butuufu, oba nti ebiribaawo mu maaso ne bisinzibwa biriba bisinziddwa mu butuufu!! So ng'ekigambo ekyo kimenyawo ebyasinzibwanga edda, n'ebisinzibwa kati, n'ebirisinzibwa mu maaso ebitali Allah ﷿

nti bisinzibwa mu bukyamu. Allah ﷻ ye yekka asinzibwa mu butuufu mu ggulu, mu nsi, mu buli kifo kyonna ne mu buli mulembe gwonna. Yagamba Allah ﷻ ng'atutegeeza nti okuva edda n'edda ye yekka asinzibwa mu butuufu nti:

﴿لَآ إِلَٰهَ إِلَّا هُوَ يُحۡيِۦ وَيُمِيتُۖ رَبُّكُمۡ وَرَبُّ ءَابَآئِكُمُ ٱلۡأَوَّلِينَ ٨﴾ الدخان

**Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako ye, y'awa obulamu era y'atta; Omulezi wammwe era omulezi waba kitammwe abaakulembera.**

N'atutegeeza nti ye yekka asinzibwa mu butuufu mu ggulu ne mu nsi:

﴿وَهُوَ ٱلَّذِي فِي ٱلسَّمَآءِ إِلَٰهٞ وَفِي ٱلۡأَرۡضِ إِلَٰهٞۚ وَهُوَ ٱلۡحَكِيمُ ٱلۡعَلِيمُ ٨٤﴾ الزخرف

**Era ye yekka asinzibwa mu butuufu mu ggulu ne mu nsi, Era ye Mugezi ennyo, Omumanyi ennyo.**

N'olwekyo, bw'oba ovvuunula ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***, weewale okuteekamu ekigambo **'mu biriwo byonna'** kubanga awo oba omenyawo ebyo byokka ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ mu kiseera ekyo kyokka ky'oyogereramu. N'olwekyo, amakulu g'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** amatuufu gali nti: **'Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah'.** Tokyongererezaako bigambo birala kubanga ojja kujungulula amakulu gaakyo oba ogattire ddala.

# EMPAGI ZAAKYO EBBIRI

Muganda wange ne mwannyinaze Omusiraamu, kimanye nti ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kiyimirirawo ku mpagi bbiri. Empagi zino ebbiri ze zikola amakulu g'ekigambo ekyo ge tulabye waggulu. Singa omenyawo emu ku mpagi ezo ebbiri, oba omenyewo ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** era oba toli Musiraamu. Anti tujja kukiraba mu maaso nti amakulu g'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ge gafuula akyogedde Omusiraamu so ssi ddoboozi lyakyo. Empagi zaakyo ebbiri ze zino:

Esooka eyitibwa **'Annafi'**, ekitegeeza okumenyawo n'okuwakanya ebyo byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷾, n'obirangirirako olutalo nti byonna bisinzibwa mu bukyamu. Ey'okubiri eyitibwa **'Al – Ithbaat'** ekitegeeza okuyimirizaawo n'okunywezaawo okusinzibwa kwa Allah ﷾ yekka. Yagamba ow'ekitiibwa Allah ﷾ ng'atulaga empagi zino ebbiri nti:

﴿ فَمَن يَكۡفُرۡ بِٱلطَّٰغُوتِ وَيُؤۡمِنۢ بِٱللَّهِ فَقَدِ ٱسۡتَمۡسَكَ بِٱلۡعُرۡوَةِ ٱلۡوُثۡقَىٰ لَا ٱنفِصَامَ لَهَاۗ

﴿٢٥٦﴾ البقرة

**Omuntu yenna awakanya ebyo byonna ebisinzibwa ebitali Allah, n'akkiriza Allah (nti ye yekka asinzibwa mu butuufu), aba yeekutte ku ngango enngumu etakutuka (*Laa Ilaaha Ill'Allah*).**

Mu aya eyo, ow'ekitiibwa Allah ﷾ atulaze nti omuntu okuba ne ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** mu butuufu, ateekeddwa okukaafuwalira byonna ebisinzibwa ebitali ye (Annafi), n'ayimirizaawo okusinzibwa kwa Allah yekka (Al-Ithbaat). Weetegereze empagi zino ebbiri wansi olabe engeri Aya eyo eri waggulu bw'ezitunnyonnyola.

## ANNAFI

Kitegeeza okumenyawo obutuufu bw'okusinzibwa kw'ebyo byonna ebitali Allah ﷾. Twakirabye waggulu nti ebintu bingi nnyo ebisinzibwa ebitali Allah ﷾, era ne tukiraba nti byonna bisinzibwa mu bukyamu, ekisinzibwa mu butuufu ye Allah ﷾ yekka. Okumenyawo okusinzibwa kw'ebintu ebyo byonna kye kiyitibwa **'Annafi'** era y'empagi ya ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** esooka.

Annafi kye kitundu ekisooka eky'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekiyitibwa ***Laa Ilaaha*** nga tonnamalayo nti ***Ill'Allah.*** Buli lw'ogamba nti ***Laa Ilaaha,*** oba omenyawo byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷾ era eyo y'empagi esooka, eyitibwa Annafi. Anti ***Laa Ilaaha*** kitegeeza nti: **'Tewali kisinzibwa mu butuufu.**' Obujulizi bw'empagi eno esooka bungi nnyo, obumu ku bwo kye kitundu ekisooka ekya Aya eyo gy'olaba waggulu. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ فَمَن يَكۡفُرۡ بِٱلطَّٰغُوتِ ﴿٢٥٦﴾ ﴾ البقرة

**Oyo yenna awakanya ebisinzibwa ebitali Allah,**

N'agamba Allah ﷾ nti:

﴿ وَأَنَّ مَا يَدۡعُونَ مِن دُونِهِۦ هُوَ ٱلۡبَٰطِلُ ﴿٦٢﴾ ﴾ الحج

**Era mazima ddala ebyo bye basinza ebitali ye, (bisinzibwa mu) bukyamu.**

## AL – ITHBAAT

Kitegeeza okunywezaawo obutuufu bw'okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka. Oluvannyuma lw'okumanya nti byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ bisinzibwa mu bukyamu, n'okumanya nti Allah ﷻ yekka y'asinzibwa mu butuufu, okunywezaawo okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka mu butuufu kiyitibwa **'Al – Ithbaat'** era y'empagi ya ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ey'okubiri.

'Al – Ithbaat' ky'ekitundu eky'okubiri eky'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekiyitibwa ***Ill'Allah*** ekitegeeza nti: 'Okuggyako Allah'. Buli lw'ogamba nti ***Ill'Allah*** oba oyimirizaawo okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka mu butuufu. Yagamba Allah ﷻ ng'atuwa obujulizi bw'empagi eno ey'okubiri - era nga kitundu kya Aya 256 (Suuratul-Baqara) gye twalabye waggulu nti:

﴿ وَيُؤْمِنۢ بِٱللَّهِ ﴿٢٥٦﴾ ﴾ البقرة

**N'akkiriza Allah (nti ye yekka asinzibwa mu butuufu),**

N'agamba ﷻ nti:

﴿ ذَٰلِكَ بِأَنَّ ٱللَّهَ هُوَ ٱلْحَقُّ ﴿٦٢﴾ ﴾ الحج

**Ekyo lwa kuba nga Mazima ddala Allah ye yekka (asinzibwa mu) butuufu**

Omulungi Omukkiriza, bwe weetegereza obulungi empagi ezo ebbiri ez'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah,*** n'enzivuunula entuufu ey'ekigambo ekyo gye twakulaze waggulu, okiraba bulungi nti ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kitegeeza kumenyawo shirik

yenna na kuyimirizaawo Tauhiid. Omuntu yenna atamenyawo bisinzibwa bitali Allah ﷾ aba talina mpagi esooka ey'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekitegeeza nti aba mushiriku omukaafiiri olw'obutaba na ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** Abasiraamu bonna gye bakakasa obulungi nti ky'ekikolo ky'obusiraamu.

Omuntu ateekeddwa okulangirira olutalo, n'okwesamba, n'okuwakanya, n'okuvumirira byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷾ alyoke abe Omusiraamu. Bw'atakola bwatyo aba mukaafiiri yennyini ow'ekikolo ne bw'aba ng'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** tekimuva ku lulimi. Ow'ekitiibwa Allah ﷾ yawaana Nabbi we Ibrahiim ﵇ olw'engeri gye yateeka mu nkola empagi za ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ebbiri era n'atulagira tumufuule ekyokugoberera ekirungi. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿قَدْ كَانَتْ لَكُمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ فِىٓ إِبْرَٰهِيمَ وَٱلَّذِينَ مَعَهُۥٓ إِذْ قَالُوا۟ لِقَوْمِهِمْ إِنَّا بُرَءَٰٓؤُا۟ مِنكُمْ وَمِمَّا تَعْبُدُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ كَفَرْنَا بِكُمْ وَبَدَا بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمُ ٱلْعَدَٰوَةُ وَٱلْبَغْضَآءُ أَبَدًا حَتَّىٰ تُؤْمِنُوا۟ بِٱللَّهِ وَحْدَهُۥٓ ﴿٤﴾﴾ الممتحنة

**Mazima mulina eky'okulabirako era eky'okugoberera ekirungi mu Ibrahiim n'abo abaali awamu naye; Bwe baagamba abantu b'ekibiina kyabwe nti: Mazima <u>ffe tubeesambye n'ebyo byonna bye musinza</u> ebitali Allah. Tubeegaanye, era bweyolese obulabe n'obukyayi obw'olubeerera wakati waffe nammwe <u>okutuusa lwe munakkiriza Allah omu yekka</u>.**

N'amutenda era nti:

﴿وَإِذْ قَالَ إِبْرَٰهِيمُ لِأَبِيهِ وَقَوْمِهِۦٓ إِنَّنِى بَرَآءٌ مِّمَّا تَعْبُدُونَ ﴿٢٦﴾ إِلَّا ٱلَّذِى فَطَرَنِى فَإِنَّهُۥ سَيَهْدِينِ ﴿٢٧﴾﴾ الزخرف

**Jjukira mu kiseera (Nabbi) Ibrahiim we yagambira kitaawe n'abantu b'ekibiina kye nti: Mazima ddala nze nneesambye ebyo byonna bye musinza ebitali Allah. Okuggyako oyo yekka eyantonda (gwe nsinza) kubanga ddala y'ajja okunnungamya.**

N'omubaka Muhammad ﷺ n'atulaga nti ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kigasa oyo yekka akyogera ng'amenyawo era ng'awakanya byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ. Yagamba mu Hadiith etunyumizibwa Twariq Ibn Ushaim ؓ nti:

مَنْ قَالَ لاَإِلَهَ إِلاَّ اللهُ وَكَفَرَ بِمَا يُعْبَدُ مِنْ دُوْنِ اللهِ حَرُمَ دَمُهُ وَمَالُهُ وَحِسَابُهُ عَلَى اللهِ

(رواه مسلم وأحمد)

**Oyo yenna agamba nti *Laa Ilaaha Ill'Allah,* n'awakanya byonna ebisinzibwa ebitali Allah, omusaayi gwe n'emmaali ye byaziyizibwa okukwatibwako, era okubalibwa kwe kuli eri Allah.**

## WEETEGEREZE BULUNGI

Omulungi Omukkiriza, weetegereze bulungi eby'okulabirako bino wansi osobole okunnyonnyoka obulungi empagi za ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** n'engeri abantu gye bazimenyamu ne bakaafuwala kyokka ne basigala nga bo beerowooza okuba Abasiraamu. Anti bangi balowooza nti eddoboozi ly'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kye boogera lye libafuula Abasiraamu so ssi makulu g'ekigambo ekyo!! Bwe batyo ne bakyogeranga ku nnimi zaabwe buli kaseera ate nga n'okusamira bwe basamira!! Balowooza nti basobola okuba abakaafiiri Abasiraamu!!! ***Innaa Lillaahi Wa Innaa Ilaihi Raaji'uun.***

## Ekyokulabirako ekisooka

Singa omuntu ayimirizaawo Esswala ettaano nga tewali n’emu emuyitako, kyokka ng’alina yirizi gye yeesigamira okumuwa emirimu oba emirembe oba obugagga oba obukuumi oba amagezi oba oluzaalo, oba obuwanguzi, oba obulungi, oba emikisa, oba obuganzi, oba ekintu kyonna ekiteekeddwa okusabibwa Allah yekka, Esswala ze n’emirimu emirala gyonna emirungi tabifunamu mpeera yonna kubanga tamenyangawo kusinzibwa kwa yirizi ate nga y’empagi esooka (okumenyawo ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ).

Asinza Allah ﷻ n'amusaba by'amusabye, ng'ate bw'asinza ne yirizi ng'agisaba enzaalo n'obugagga n'obuganzi n'ebirala. Oyo nno ye shiriki yennyini; Okusinza Allah ng'omusinzizaako ebintu ebirala. Kitegeeza nti omuntu oyo ssi Musiraamu wadde yeeyita Musiraamu kubanga talina kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ekikolebwa empagi ebbiri ze tulabye waggulu.

## Eky'okulabirako eky'okubiri

Singa omuntu ayokya ttanuulu, n'agisalira enkoko mbu esobole okuggya, omuntu oyo aba mukaafiiri kubanga akyalina amaanyi g'asinza era g'ayiira omusaayi gw'enkoko gasobole okuggyisa ttanuulu ye. Amaanyi ago - g'atasobola kwennyonnyola wadde okugannyonnyola omuntu omulala - gaatamenyangawo era g'akkiririzaamu n'ageesigamira ge gamufuula omukaafiiri wadde ye yeeyita Musiraamu nga n'esswala temuyitako.

Ateekeddwa okusooka okumenyawo amaanyi ago shaitwan ge yamuwundira n'agakkiririzaamu, ne yeesigamira Allah ﷻ nti ye yekka alina obusobozi obuggyisa ttanuulu eyo era ye yekka

ateekeddwa okwesigamirwa ku kuggya kwayo, awo n'alyoka aba Omusiraamu. Bw'atakola bw'atyo, asigala mukaafiiri yennyini wadde nga tava mu muzikiti. N'abasalira emisingi, obusolya, amakubo, emizimu, lubaale n'ebirala, bonna bakaafuwala ne bava mu Busiraamu. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ قُلۡ إِنَّ صَلَاتِي وَنُسُكِي وَمَحۡيَايَ وَمَمَاتِي لِلَّهِ رَبِّ ٱلۡعَٰلَمِينَ ١٦٢ لَا شَرِيكَ لَهُۥۖ ١٦٣ ﴾ الأنعام

**Bagambe nti: Mazima okusaala kwange, <u>n'okusala kwange</u>, n'obulamu bwange, n'okufa kwange (byonna) bya Allah omulezi w'ebitonde. Tagattibwako kintu kyonna.**

### Eky'okulabirako eky'okusatu

Singa omusajja aba Imaam wa Masjid, nga y'asaaza Abasiraamu mu kitundu ekyo n'abasomesa n'eddiini, era nga y'anaaza abafu era n'abasaalira kyokka nga y'omu ate abalagula n'ababuulira ababaloga oba y'abawa eddagala erikwata ababbi oba y'abawa eddogo ly'obuganzi oba ery'okwawukanya abafumbo, y'abawa eddagala ly'okufuna emirimo oba yirizi ze basiba mu baana n'ebirala ebifaananako bwe bityo, omusajja oyo aba mukaafiiri olw'okuba tamenyangawo bisinzibwa bitali Allah ﷾ wadde adyekadyeka abantu nti asinza Allah ﷾.

Tafuna mpeera yonna mu mulimo gwonna mu maaso ga Allah ﷾ wadde ng'asaala n'asaaza n'abantu, n'ababuulirira n'akola n'emirimo emirala egy'eddiini. Anti 'omukubi w'ekitabo' aba musamize omukaafiiri omubi ennyo okusinga abasamize abateeyita Basiraamu. Anti ye alowoozesa ba lunkupe b'eddiini nti byakola biri mu ddiini. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿لَئِنۡ أَشۡرَكۡتَ لَيَحۡبَطَنَّ عَمَلُكَ وَلَتَكُونَنَّ مِنَ ٱلۡخَٰسِرِينَ ٦٥﴾ الزمر

**Singa wangattako ekintu kyonna, emirimu gyo gyonna gyalisaanyewo era waalibeeredde ddala mw'abo abafaafaaganiddwa.**

### Eky'okulabirako eky'okuna

Singa omuntu afuna obuzibu mu mirimo gye oba mu bufumbo bwe oba mu nsonga yonna, n'agendako mu kyalo gy'azaalibwa mbu empewo zimufuuweko ebibadde byesibye bitaggulukuke, oba n'alima ku ntaana mbu asanyuse abafu abazirimu abaanyiga olw'okubasuulirira ne bakwata riziki ye, oyo naye aba mukaafiiri wadde yeeyita Musiraamu nga ne ku jjuma y'asooka mu muzikiti.

Anti tamenyangawo kusinzibwa kwa mpewo n'okusinzibwa kw'abafu ate ng'okumenyawo ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ y'empagi ya ***Laa ilaaha Ill'Allah*** esooka. Ateekeddwa okusooka okumenyawo okusinzibwa kw'empewo ezo n'abafu abali mu ntaana ne yeesigamira Allah ﷻ yekka era n'awanjagira ye yekka okutereeza eby'enfuna bye oba obufumbo bwe oba ekizibu kyonna ky'aba alina. Bw'atakola bw'atyo, aba mukaafiiri ow'ekikolo wadde yeeyita Hajjat oba Hajj nga n'e Makka agenda buli mwaka. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿وَإِن يَمۡسَسۡكَ ٱللَّهُ بِضُرّٖ فَلَا كَاشِفَ لَهُۥٓ إِلَّا هُوَۖ ١٧﴾ الأنعام

**Allah bw'akutuusaako omutawaana, tewali kiyinza kugukuggyako okuggyako ye.**

## Eky’okulabirako eky’okutaano

Singa omuntu aba n’enzikiriza nti waliwo ekintu ekitta abantu ekitali Allah kye bayita olumbe, era nga buli afa balina okukungaana ne balwanyisa olumbe olwo olwamusse ne balufulumya, bonna abalwabya bakaafuwala ne bava mu Busiraamu olwa shirik gwe bakoze mu ***Rubuubiyyah***. Awona obukaafiiri y’oyo yekka amatira nti tewali kibatta okuggyako Allah era n’amenyawo ekintu ekyo abashiriku kye bayita olumbe. Yagamba Allah nti:

﴿ وَهُوَ ٱلَّذِى يُحۡىِۦ وَيُمِيتُ وَلَهُ ٱخۡتِلَٰفُ ٱلَّيۡلِ وَٱلنَّهَارِۚ أَفَلَا تَعۡقِلُونَ ﴿٨٠﴾ ﴾ المؤمنون

**Era y’oyo awa obulamu era atta, era y’akyusa ekiro n’emisana, Abaffe! Temulina magezi?!**

**Ayabya olumbe alimu embeera ssatu:** Ayabya olumbe oluganda olw’ebyobuwangwa olulimu okufulumya olumbe, okulya akatogo akataliimu munnyo, omutwe gw’ente gwa bajjwa, okusumika omusika, aba mukaafiiri. N’azimba obuzimbi ekidaala akaafuwala, anti talina njawulo n’azimba kereziya ne bw’ateenyigira mu mmisa.

**Embeera ey’okubiri** kwe kulutuuma edduwa kyokka mu dduwa eyo ne mukolerwamu ebikolebwa mu lumbe oluganda bye tulabye waggulu. Olumbe balufulumya ku makya ate omuwalimu ye n’atuuka ku ssaawa y’emmere ne basoma edduwa ne balya ne baabuka. Ogwo omukolo nagwo agwenyigiramu ng’akimanyidde ddala nti bwe gutyo bwe gufaanana akaafuwala olwa shirik agulimu. Eky’okugutuuma edduwa tekibawonya bukaafiiri.

**Embeera ey’okusatu**, kwe kukungaana ne basoma edduwa ne batateekamu shirik akolebwa mu lumbe olw’obuwangwa, bo

ne bakoma ku kusoma dduwa ne balya ne baabuka. Abo tebakaafuwala wabula baba Basiraamu aboonoonefu abakoze ezzambi eddene erya bid'a. Kyokka singa basabira ku kabaane ne bakatuma kabatwalire edduwa zaabwe eri Allah, awo baba bakoze shirik.

**Eby'okulabirako ebyo ebina**, bimala bulungi Omusiraamu okutegeera empagi za ***Laa ilaaha Ill'Allah*** n'engeri abantu abangi gye bakaafuwalamu ne basigala nga beeyita bweyisi Basiraamu. Omusiraamu bw'annyonnyoka obulungi empagi ezo ebbiri, kimwanguyira okukuuma enzikiriza ye n'atafaanana ng'abangi abasaala kyokka nga balina amasabo, oba nga bagagendamu, oba nga baalula abalongo, oba nga balina ebyoto bya lubaale ebitazikira, oba nga bagema enkuba, oba nga bafuuwa emmindi ey'eddogo, oba nga batunda ebintu ebyeyambisibwa mu shirik, oba nga beeyalira Kabaka ku ttaka, oba nga bakutamira abalamuzi mu makooti, oba nga basalira emisinji gy'ebizimbe embuzi, oba nga beeraguzalaguza - n'ebikolwa ebirala ebingi ennyo Abasiraamu abamu bye bawangaalirako ne bakaafuwala ne bafuuka enku z'omuliro Jahannam ez'olubeerera.

## KYA NNAKU NNYO

Kya nnaku nnyo nti abantu bangi bwe bakola shiriki abaggya mu Busiraamu, ne bategeezebwa nti kye bakoze kibaggya mu Busiraamu, beesekera bwesekezi ne bagamba nti: “tuva tutya mu Busiraamu nga twogera ***Laa ilaaha Ill'Allah***?!” Olw’entegeera yaabwe ennema, balowooza nti ekigambo ekyo ekisinga ebigambo byonna ekitiibwa kyogerwa bwogerwa tekirina makulu gonna!! Ebigambo byonna birina amakulu okuggyako ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** - ekisinga ebigambo byonna ekitiibwa?! Mbu kyo oyatula kyatule ne weekolera by'oyagala!!

N’obasanga nga basaala ng’ate balina ebigali wansi w’ebitanda mbu ebibaleetera obugagga oba emirembe! N’obasanga nga basiiba kyokka ng’ebizibu byabwe babimalira mu basamize oba nga balogo, abalala balina obuyumba mbu omubeera empewo z'ekika, abalala baalula abalongo mbu baleme okubatuusaako emitawaana - nga beesigudde eky’okuba nti boogera ***Laa ilaaha Ill'Allah***!! N'omusanga ng'atikkidde enkoofiira oba nga yeebikkiridde kyokka nga y'atunda emmindi, ensumbi, ensimbi enganda, obusolo obukaze, endeku ez’embalabe, n'ebirala ebikozesebwa mu shirik!!

Beerabidde nti oyo shirik gwe bakola amenyawo Obusiraamu bwabwe n’okusinza kwabwe kwonna. Era beerabidde nti ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kye boogera entakera kibalagira kumenyawo shiriki waabwe balyoke babeere Abasiraamu. Era beerabidde nti okusaala kwe basaala, n’okusiiba, ne Hijja n'emirimo emirala emirungi gye bakola tegirina mugaso gwonna gye bali kubanga Allah ﷻ takkiriza kusinza kwa mukaafiiri yenna ne bwe kuyitirira. Yagamba Allah ﷻ ng'atubuulira ky'alikola emirimo gy'abakaafiiri ku lunaku lw'enkomerero nti:

﴿ وَقَدِمۡنَآ إِلَىٰ مَا عَمِلُواْ مِنۡ عَمَلٖ فَجَعَلۡنَٰهُ هَبَآءٗ مَّنثُورًا ٢٣ ﴾ الفرقان

**Olwo ne tukyukira emirimo gyabwe (emirungi) gye baakola (ku nsi), ne tugifuula ng'enfuufu efuumuddwa n'ebuna (wonna mu bbanga)**

N'agamba Allah ﷻ:

﴿ وَمَا مَنَعَهُمۡ أَن تُقۡبَلَ مِنۡهُمۡ نَفَقَٰتُهُمۡ إِلَّآ أَنَّهُمۡ كَفَرُواْ بِٱللَّهِ وَبِرَسُولِهِۦ ٥٤ ﴾ التوبة

**Tewali nsonga ndala yagaanyisa saddaaka zaabwe okukkirizibwa okuggyako lwa kuba nti mazima ddala baakaafuwalira Allah n'omubaka we**

Abantu abo era beerabidde nti olulimi lw’omuntu terujja lwa kwogera kigambo “muliro” wadde okuba nti bwe lwogera ekigambo “bugagga” nti olwo nannyini lwo aba afuuse mugagga. Omuntu asobola okufa obunnyogovu nga bw'aleekaana ekigambo 'muliro'. N'omulala asobola okufa obwavu ng'ekigambo 'bugagga' tekimuva ku lulimi. Ekigambo obugambo tekiba na mugaso singa tekigoberezebwako mbeera zikinywezaawo. Bwe kityo n’ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** tekirina mugaso eri oyo akyogera obwogezi nga tamanyi kye kitegeeza oba akola ebikimenyawo – weegendereze.

# 'LAA ILAAHA ILL'ALLAH' MU BIKOLWA

Owange ggwe Omusiraamu ayagala okugasibwa ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah***, bw'oti bw'oteekeddwa okukiteeka mu nkola kiryoke kikugase era olyoke obe Omusiraamu: Buli lw'ogamba nti ***Laa ilaaha,*** nga tonnamalayo nti ***Ill'Allah***, oba omenyawo era ng'owakanya essabo mu mpakanya ssatu:

**Esooka**: Okuba nga tolina ssabo. Tolirina mu muzimbo, oba gwa ssubi, oba bbaati, oba ttegula, oba liri mu kalina waggulu oba liri mu ddiiro lyo, oba liri mu nsawo otambula nalyo. Oteeka obuti ne kafunkunaali omulala mu nsawo n'otembeeya shirik oyo nga bw'ogenda mu maka g'abantu nga bw'obabuuza oba balina ebizibu obibamalire.

Bw'oba olina essabo mu mbeera yonna, oba mukaafiiri ow'ekikolo olw'okuba tolina ***Laa ilaaha*** era tomenyangawo bisinzibwa bitali Allah ﷿. Omuntu yenna alina essabo aba mukaafiiri ne bwe yeeyita Sheikh, oba Hajj, oba Hajjat, ne bw'aba alina ebitendo by'abasiraamu byonna ebyokungulu. Yagamba Ow'ekitiibwa Allah ﷿ nti:

﴿ وَمَن يَدۡعُ مَعَ ٱللَّهِ إِلَٰهًا ءَاخَرَ لَا بُرۡهَٰنَ لَهُۥ بِهِۦ فَإِنَّمَا حِسَابُهُۥ عِندَ رَبِّهِۦٓۚ إِنَّهُۥ لَا يُفۡلِحُ ٱلۡكَٰفِرُونَ ١١٧ ﴾ المؤمنون

**Oyo yenna asinza Allah ng'amusinzizaako ekintu ekirala ky'atalinaako bujulizi (bukigwanyisa kusinzibwa), mazima wa kwennyonnyolako eri Omulezi we (Allah). Mazima abakaafiiri ssi ba kuwona.**

**Ey'okubiri**: Okuba nga togenda mu ssabo. Buli lw'ogamba nti ***Laa ilaaha*** oba omenyawo okugenda mu ssabo okusinza

lubaale ng'omusaba ebintu ebiteekeddwa okusabibwa Allah ﷾ yekka. Bw'oba ng'ogenda mu ssabo okumalirayo ekizibu kyonna, ng'okunoonyezaayo ekintu kyo ekyakubulako, oba okuttirayo omusango, oba okuwonerayo obulwadde, oba okunoonyezaayo oluzaalo, oba okunoonyezaayo obuganzi, oba emirimu, oba obukuumi, oba obufumbo, oba obugagga, oba emirembe, oba amagezi, oba abaguzi, oba emikisa, oba obufuzi, oba obulungi, oba okuyisaamu ebiwandiiko byo ofune omulimo, oba ofune visa, oba okufunayo eddagala erikwata ababbi, oba abenzi, oba okuloga omuntu, oba okweggyako eddogo eryakusindikirwa, oba mbu okwegobako ebisiraani, oba olw'okukuzibwa ku mulimu, oba olw’ensonga yonna, oba okaafuwadde ng'ovudde mu Busiraamu ne bw'oba wazaalibwa ku Kaaba, mu kisiibo, ku lunaku olw'ejjuma.

Gwe tolaba nga Abu Twalib yazaalibwa Makka, yali mwogezi wa luwarabu, yali Taata wa Nabbi omuto, yamulwanirira obutatuusibwako buzibu bwonna? Kyokka olw'obutamenyawo bisinzibwa bitali Allah yafa mukaafiiri. Yagamba Allah ﷾ ng'atutegeeza nti asinza ekitali ye aba mukaafiiri nti:

﴿ وَصَدَّهَا مَا كَانَت تَّعْبُدُ مِن دُونِ ٱللَّهِۖ إِنَّهَا كَانَتْ مِن قَوْمٍ كَٰفِرِينَ ﴿٤٣﴾ ﴾ النمل

**Ne bimuziyiza ebyo bye yali asinza ebitali Allah (okugoberera eddiini entuufu), Mazima yali mu kibiina kikaafiiri.**

**Ey'okusatu**: Okumatira nti omusamize n'omushiriku yenna aba mukaafiiri. Buli lw'ogamba nti ***Laa ilaaha*** oba olangiridde olutalo ku buli yenna asinza ekitali Allah ﷾ era oba omulangiriddeko obukaafiiri. Tekimala okuba nga tolina ssabo wadde okuba nti toligendamu. Shirik oteekeddwa okumuyita shirik ne Tauhiid oteekeddwa okumuyita Tauhiid. Tosobola kukkiriza kusaazibwa mushiriku yenna wadde yeeyita Sheikh

era tosobola kumusaalira ng'afudde ne bw'aba y’abadde asinga abantu bonna ku kitundu okusoma Qur'aan n'okwogera oluwarabu.

Anti okimanyi bulungi nti omushiriku aba mukaafiiri ate ng'omukaafiiri takkirizibwa kusaaza Basiraamu era omukaafiiri tebamusaalira ng'afudde. Tosobola kufuula mushiriku mukwano gwo, tosobola kunakuwala ng'afudde, wabula oba mw'abo abasanyuka n'okwebaza Allah ﷻ olw'okuggyawo ekyenyinyalwa ekibadde kiswaza eddiini y'omutonzi nga kyeyita ekisiraamu ate nga kikaafiiri eky'ekikolo. Yagamba Allah ﷻ ng'atugaana okusaalira omukaafiiri yenna ng'afudde nti:

﴿ وَلَا تُصَلِّ عَلَىٰٓ أَحَدٍ مِّنۡهُم مَّاتَ أَبَدٗا وَلَا تَقُمۡ عَلَىٰ قَبۡرِهِۦٓۖ إِنَّهُمۡ كَفَرُواْ بِٱللَّهِ وَرَسُولِهِۦ

وَمَاتُواْ وَهُمۡ فَٰسِقُونَ ٨٤ ﴾ التوبة

**Era tekakutandanga n'osaalira omuntu yenna aba afudde mubo, era toyimiriranga ku ntaana ye. Mazima baakaafuwalira Allah n'omubaka we ne bafa nga boonoonefu.**

**Singa** omuntu abuuzibwa ennamula y'obusiraamu ku muntu amalira ebizibu bye mu ssabo, n'ayanukula nti: “Owange, abantu balina ebizibu byabwe, wadde nze sigendayo, sivumirira bagendayo!!” Oba n'abuuzibwa ku balina amasabo oba ebigali wansi w’ebitanda oba abeesiba zi yirizi, n’agamba nti: “Nze sisamira, nsinza Allah ﷻ yekka, era n’ebyo bye mwogeddeko sibirina wabula, nze sivumirira bya buwangwa bya bantu.” Afaananako bw'atyo abeera mukaafiiri yennyini ow'ekikolo wadde talina ssabo nga n’okuligendamu taligendamu - olw’okuba tamenyangawo bisinzibwa bitali Allah ﷻ era tamatiranga nti okusinza ekitali Allah ﷻ kifulumya omuntu mu Busiraamu.

Omuntu atalina lutalo ku bisinzibwa ebitali Allah ﷻ aba Mukaafiiri. Anti tukirabye bulungi okuva waggulu nti Obusiraamu kwe kumenyawo, n'okuwakanya, n'okukyawa, n'okuvumirira, n'okutamwa, n'okukkakkanya, n'okulengezza byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ n'abo bonna ababisinza. Era tukirabye nti Omukkiriza ow'amazima asanyuka olw'okusaanawo kw'obukaafiiri. Tasobola kwesiba mbugo n'akungubaga, n'ayogera ebikankana, ng'amasiro - g'amanyi obulungi nti lye limu ku materekero ga lubaale - gayidde.

***Laa ilaaha Ill'Allah*** egasa oyo yekka amenyawo byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ, n'alangirira mu bulamu bwe nti byonna bisinzibwa mu bukyamu, n'amatira nti Allah ﷻ yekka y'asinzibwa mu butuufu. ***Laa ilaaha Ill'Allah*** tegasa agyogera nga tawakanya kusinzibwa kw'ebyo byonna ebitali Allah ﷻ ne bw'aba ng'obulamu bwe bwonna tava mu kkanzu na nkoofiira.

# 'LAA ILAAHA ILL'ALLAH'
## DDOBOOZI OBA MAKULU?

Ow’ekitiibwa Omusiraamu, bwe weetegereza embeera z'abantu olwa leero, okiraba bulungi nti Abasiraamu bangi balowooza nti ekifuula omuntu Omusiraamu ddoboozi lya kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** so ssi makulu gaakyo! Y'ensonga lwaki osanga omuntu ng'asiiba enjala mu Ramadhan kyokka ng'eka alina ebigali wansi w'ebitanda!

Y'ensonga lwaki waliwo omuntu aggalawo edduuka lye n'agenda asaale kyokka nga mu dduuka aggaliddemu yirizi mbu emuleetera ba kasitoma! Oba ekibbo ekirimu emmwanyi! Y'ensonga lwaki osanga omuntu agenda e Makka n'akola Hijja kyokka ng'asiiba mu masabo! Y'ensonga lwaki omuntu ayambala enkoofiira kyokka nga tagoba kasitoma asoose oba nga tagaba bbanja ku makya!

Y'ensonga lwaki osanga omukyala eyeebikkiridde kyokka ng'atunda ebintu ebikozesebwa mu shirik ng'ensumbi, eminya emikalu, goonya enkalu, ebisosonko by'amakovu, endeku ez'embalabe, emmindi ez'emimwa omusanvu ne kazambizambi omulala! Y'ensonga lwaki omukyala yeeyita Omusiraamu kyokka ng'omuntu we bw'afiira mu nnyanja omulambo ne gubula, akwata amabeere n'aguyita mbu gujje guyonke!

Shaitwan yamugamba nti: gwe kanya kwogera kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah***, oli Musiraamu wadde osamira! Oli Musiraamu wadde oyalula abalongo! Oli Musiraamu wadde weeyambulula ebisiraani mu masanganzira! Oli Musiraamu wadde abaana bo wabateekamu yirizi! Oli Musiraamu wadde oli mulogo! Subhaanallah!! Subhaanallah!!

Mu kifo kino twagala okumanya, ddala eddoboozi ly'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** lye lifuula omuntu Omusiraamu oba makulu g'ekigambo ekyo? Weetegereze bulungi Hadiith eno wansi n'obujulizi obulala bwe tugenda okuleeta otegeere ensonga eno ewangaaliza abangi mu bukaafiiri nga bbo beeyita Basiraamu. Hadiith eva ku Usaama Ibn Zaid ﵁, agamba nti:

بَعَثَنَا رَسُوْلُ اللهِ ﷺ إِلَى الحُرَقَةِ، فَصَبَّحْنَا القَوْمَ فَهَزَمْنَاهُمْ، وَلَحِقْتُ أَنَا وَرَجُلٌ مِنَ الأَنْصَارِ رَجُلاً مِنْهُمْ، فَلَمَّا غَشِيْنَاهُ قَالَ: لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ فَكَفَّ الأَنْصَارِيُّ عَنْهُ، وَطَعَنْتُهُ بِرُمْحِي حَتَّى قَتَلْتُهُ، فَلَمَّا قَدِمْنَا بَلَغَ النبيَّ ﷺ فَقَالَ: يَا أُسَامَةُ، أَقَتَلْتَهُ بَعْدَ أَنْ قَالَ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ؟ قُلْتُ: كَانَ مُتَعَوِّذًا، فَمَا زَالَ رَسُوْلُ اللهِ ﷺ يُكَرِّرُهَا حَتَّى تَمَنَّيْتُ أَنِّي لَمْ أَكُنْ أَسْلَمْتُ قَبْلَ ذَلِكَ اليَوْمِ (متفق عليه)

**Omubaka wa Allah yatusindika mu lutalo mu kifo ekiyitibwa Al-Khuraqat, ne tubakeera ne tubazingako. Nze n'omusajja omulala gwe nnali naye mu ba Answari ne tufunza omulabe mu bo. Bwe twamufundiza ddala, n'agamba nti *Laa ilaaha Ill'Allah,* Answari gwe nnali naye n'amuleka nze ne ngenda mu maaso ne mmufumita effumu lyange okutuusa lwe nnamutta. Bwe twaddayo, amawulire ne gatuuka eri Nabbi ﷺ, nangamba nti: Owange ggwe Usaama! Wamusse ng'amaze okwogera ekigambo *Laa ilaaha Ill'Allah*? Ne mmugamba nti: Yakyogedde lwa kwetaasa. Omubaka wa Allah teyalekera awo kuddingana kibuuzo ekyo okutuusa lwe nneegomba okuba nti bulijjo ssiri Musiraamu nsiramuke kw'olwo. (Anti okusiramuka kumenyawo amazambi agaakulembera).**

Hadiith eno ku nsonga gye tuliko, tugiggyamu obujulizi bwa nsonga bbiri. **Obujulizi obusooka:** Omuntu bw'aba tabadde Musiraamu, n'ayogera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** n'agamba nti asiramuse, omuntu oyo tukkiriza ky'ayogedde era

ne bwe lubeera lutalo ng'abadde mulabe tetukkirizibwa kumutta. Bw'afa oluvannyuma lw'okukyogera tumusaalira era ne tumuziika ng'omusiraamu. Obujulizi bw'ekyo ye Hadiith eyo; anti Nabbi ﷺ yanenya Usaama ﵁ olunenya olw'amaanyi olw'okutta omusajja eyali mu balabe abatta Abasiraamu oluvannyuma lw'okwogera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah***.

**Obujulizi obw'okubiri**: Eky'okuba nti omusajja oyo tumuyita Musiraamu oluvannyuma lw'okwogera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah,*** tekiggyawo kuba nti asobola okuba ng'akyogedde lwa kwetaasa so ssi lwa kusiramuka. Wabula olw'okuba tetulina busobozi bumanyira ddala kimuli ku mutima, kye tuva tutwala ekyokungulu nti akyogedde lwa kusiramuka era ne tumuyita Omusiraamu.

Obujulizi obulaga nti asobola okukyogera olw'ensonga endala kyokka nga takyogedde lwa kusiramuka, kwe kuba nti Usaama Ibn Zaid ﵁ bwe yeewozaako n'agamba Nabbi ﷺ nti: "Yakyogedde lwa kwetaasa", Nabbi teyawakanya ntegeera ya Usaama ﵁ nti omuntu asobola okukyogera nga tagendereddeemu kusiramuka era teyamugamba nti: "Nedda, buli akyogera aba akyogedde lwa kusiramuka", wabula yamunenya olw'okuba talina busobozi bulaba kiri mu mutima gwe asobole okumanyira ddala oba akyogedde lwa kusiramuka oba lwa bigendererwa birala ng'okwetaasa. Y'ensonga lwaki mu kkubo lya Hadiith eno eddala, Usama ﵁ bwe yeewozaako nti: "Owange ggwe Omubaka wa Allah! Yakyogedde lwa kwetaasa butattibwa", Nabbi ﷺ yamubuuza nti:

أَقَالَ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ وَقَتَلْتَهُ؟ قُلْتُ يَا رَسُوْلَ اللهِ! إِنَّمَا قَالَهَا خَوْفًا مِنَ السِّلاحِ. قَالَ أَفَلاَ شَقَقْتَ عَنْ قَلْبِهِ حَتَّى تَعْلَمَ أَقَالَهَا أَمْ لاَ؟ (متفق عليه)

**Yagambye nti *Laa ilaaha Ill'Allah* n'ogenda mu maaso n'omutta?! Ne mmugamba nti owange ggwe Omubaka wa**

**Allah! Teyakyogedde okuggyako lwa kutya kitala. N'agamba nti: Lwaki tewasoose kumwasa kifuba n'okakasa nti akyogedde lwa kusiramuka oba lwa nsonga ndala?**

Bwe weetegereza ensonga ezo ebbiri, okiraba bulungi nti eddoboozi ly'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** omuntu ly'ayatula n'ayitibwa Omusiraamu ku ngulu ssi lye limufuula Omusiraamu munda wabula ekimufuula Omusiraamu kungulu ne munda kwe kuba ng'ayogedde ekigambo ekyo ng'akkiririza mu makulu gaakyo n'ekigendererwa ky'okusiramuka.

Olw'okuba ayogera ekigambo ekyo aba yeemanyi bulungi ekimuli mu mutima abalala kye batasobola kumanya, bw'akyogera olw'okusiramuka aba asobola bulungi okwemanya nti afuuse Musiraamu, era bw'aba takyogedde lwa kusiramuka, aba asobola okwemanya nti wadde akyogedde naye akyogedde lwa musajja gw'ayagala okufumbirwa, oba olw'omukyala gw'ayagala okuwasa, oba olw'omulimo, oba olw'okwetaasa, oba olw'okubega Abasiraamu, oba olw'ensonga endala. N'olwekyo, aba yeemanyi bulungi nti mukaafiiri wadde nga ffe tumuyita Musiraamu olw'obutamanya bimuli mu mutima.

Kyokka omuntu oyo singa awangaala n'abasiraamu omutima gwe ne gwagala Obusiraamu mu mazima, tetumugamba kuddamu kuleeta Shahaada bupya, wabula alongoosa bulongoosa Busiraamu bwe n'aba Omusiraamu omujjuvu. Ate singa omuntu anywerera ku bigendererwa bye ebyamudyekesadyekesa abantu nti asiramuse kyokka nga tasiramuse, ng'omukyala alimba nti asiramuse kyokka nga mwami gw'ayagala so ssi Busiraamu era n'anywerera ku mbeera eyo era ng'agamba mu mutima gwe nti omwami we oyo gw'ayagala n'amala afa oba ne baawukana, addayo mu

kkeleziya oba mu kkanisa n'asabira eyo, oyo aba mukaafiiri era omunnanfuusi atasiramukangako wadde yayogera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** n'alimba abantu nti asiramuse n'okusaala n'asaala.

Ffe olw'okuba tetumanyi bimuli munda, bw'afa tumusaalira era ne tumukolako emikolo gyonna egikolebwa ku mufu Omusiraamu, kyokka ekyo tekimufuula Musiraamu era tekimuwonya kubeera mu muliro obugenderevu n'obugenderevu kubanga Allah ﷻ amanyi ebiri mu mitima akimanyi bulungi nti mukaafiiri wadde ffe tumuyita Musiraamu olw'ebyo by'ayolesa gye tuli.

Ekigendererwa mu kukulaga ensonga zino, kukukakasa nti eddoboozi lya ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ssi ly'erikufuula Omusiraamu wabula amakulu g'ekigambo ekyo ky'oyatula ge gakufuula Omusiraamu. Oleke kusamira nga shaitwan eyakolimirwa bw'ekugumya nti tofaayo, gwe kasita oyogera ***Laa ilaaha Ill'Allah***. Kimanye nti omuntu asobola okwogera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** buli kaseera kyokka nga mukaafiiri yennyini ow'ekikolo.

Bw'aba ng'omuntu ayingira obuyingizi mu Busiraamu, amakulu g'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ge gamufuula Omusiraamu ow'amazima so ssi ddoboozi nga bwe tukirabye waggulu, kati kiri kitya ku muntu awangaalidde mu Busiraamu emyaka n'ebisiibo nga bw'akola shirik nga yeesigudde eddoboozi lya ***Laa ilaaha Ill'Allah***?!!!

## OBUJULIZI OBULALA

Obujulizi obulala bungi nnyo obulaga nti amakulu g'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ge gafuula akyogedde Omusiraamu ow'amazima so ssi ddoboozi lyakyo. Katulabeko obumu ku bwo.

Singa eddoboozi ly'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** lye lifuula omuntu Omusiraamu, abakaafiiri Abaquraish tebaalirwanye na mubaka Muhammad ﷺ olw'okubagamba bagambe nti '***Laa ilaaha Ill'Allah'.*** Buli omu yalikyatudde bwatuzi nga yeddirayo ku masanamu ge ng'asinza. Wabula baagaana okukyatula era ne bamwolekeza obulabe obwa buli kika okumala emyaka egisukka mu abiri kubanga baali bakimanyi bulungi nti okukyatula kitegeeza kumenyawo kusinzibwa kw'amasanamu gaabwe ate nga tebaali beetegefu kugavaako. Omubaka Muhammad ﷺ bwe yabagambanga nti:

يَاأَيُّهَا النَّاسُ! قُوْلُوْا لاَإِلَهَ إِلاَّ اللهُ تُفْلِحُوْا

(رواه أحمد وابن حبان وصححه الألباني في الإرواء **834** عن ربيعة بن عبّاد الديلي)

**Abange mmwe abantu! Mugambe nti: *Laa ilaaha Ill'Allah*, mufune okwesiima.**

Baamwanukula mu kwewuunya okw'okwekaza n'okwekangabiriza nti:

﴿ أَجَعَلَ ٱلْآلِهَةَ إِلَٰهًا وَٰحِدًاۖ إِنَّ هَٰذَا لَشَيْءٌ عُجَابٌ ٥ ﴾ ص

**Abaffe! Ebisinzibwa ebingi (bye tubadde tusinza byonna abimenyewo), n'abifuula Omu yekka nti y'ateekeddwa okusinzibwa?! Mazima kino kintu kya kyewuunyo nnyo.**

Baategeera nti ky'ategeeza mu kwogera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kumenyawo bisinzibwa byabwe byonna bayimirizeewo okusinzibwa kwa Allah ﷾ yekka. Tebaategeera nti abagamba kukyogera bwogezi ate basigale nga basinza amasanamu ng'abashiriku b'olwaleero bwe bakola. Abashiriku ab'edda baategeera amakulu g'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** okusinga abashiriku abeeyita Abasiraamu olwaleero bwe bakitegeera.

Anti ab'ennaku zino tebasanga buzibu kukyatula ate nga bwe basamira, so ate ab'edda abataayagala kusinza Allah ﷾ yekka, baagugubanga ne bagaana okukyogera kubanga baamanya nti okukyogera kitegeeza kumenyawo masanamu gaabwe n'ebirala bye baasinzanga ebitali Allah ﷾ basinze Allah ﷾ yekka. Singa ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ddoboozi buloboozi, baalikyogedde bwogezi ne beddirayo ku masanamu gaabwe ne basinza. Gwe tolaba nga n'omukatuliki akimanyi bulungi nti bw'akyogera aba amenyewo okukoowoola Yesu ne Biikira Maariya n'okufukaamirira obubumbe ng’afuuse Musiraamu?

**Obujulizi obulala** obulaga nti okwogera obwogezi ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ng'omutima tegukkiririza mu makulu gaakyo oba nga tegugakolerako tekiwonya muntu bukaafiiri, ky'ekigambo ky'ow'ekitiibwa Allah ﷾. Yagamba nti:

﴿وَمِنَ ٱلنَّاسِ مَن يَقُولُ ءَامَنَّا بِٱللَّهِ وَبِٱلْيَوْمِ ٱلْـَٔاخِرِ وَمَا هُم بِمُؤْمِنِينَ ٨﴾ البقرة

**Ne mu bantu mulimu abagamba nti: Tukkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero ng'ate ssi bakkiriza!**

Ow'ekitiibwa Allah ﷾ atutegeeza mu Aya eyo ne mu Aya endala nnyingi nti waliwo abantu abayisa ku nnimi zaabwe ebigambo by'obukkiriza - nga ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kyokka nga bakaafiiri. Allah ﷾ ky'ayagala tutegeere mu Aya eyo kiri nti

Obukkiriza obwokumumwa kwokka nga tebuliiyo mu mutima buba bunnanfuusi bwennyini obuteekesa omuntu wansi w'abakaafiiri mu muliro Jahannama. Obunnanfuusi kwe kwolesa Obukkiriza kungulu nga munda okweseeyo bukaafiiri.

Bwe weetegereza ensonga eyo, olowooza ki ku beeyita Abasiraamu kyokka ng'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** tebakirinaamu mugaso gwonna okuggyako okukyekangirako obumyanso - kyokka nga ku shirik kwe bawangaalira?! Bakkiririza mu biggwa! Balina amasabo! Ebizibu byabwe babimalira mu masabo! Balina ebyoto bya lubaale ebitazikira!

Balina entanga mu miryango! Balina ebigali wansi w'ebitanda! Bafuuwa emmindi ey'eddogo! Beeyalira Kabaka ku ttaka! Balogo! Bannabyabufuzi abasoma emmisa mu makanisa n'amakeleziya nga banoonya obululu oba mbu nga beebaza abalonzi! Abaabya ennyimbe ne basumika abasika ne babalaamira empewo za bajjajja! Mbu ejjirikiti terifumbisibwa era mbu kwe kusuulibwa n'enkoko oba embuzi oba ensolo yonna efudde!

Abeeraguza n'omuntu gwe basoose okusisinkana mu lugendo, oba okusala kw'emmese, oba okukaaba kwa mp'abaana, oba sekkoteka mu lusuku mbu y'akoteka amatooke, oba namunyenya mbu abika, oba mbu enjuki ezunza mugenyi, oba abasiiyibwa engalo mbu nga bagenda okufuna ensimbi, oba abasulwa ebisulo eby'essanyu oba eby'okukaaba!

Banaaza abaana baabwe abawala olweza ne kayaayaana mbu abasajja babayaayaanire! Basulika enseenene gye basoose okukwata! Abagamba nti kulubazzi bajjabajja omuganda guwere! Ababuuza kamusungusungu gye balifuumbirwa! Abatasuula kalera ka mwana! Abasuula ebyoya by'enseenene n'ebisusunku by'amagi n'ebikuta by'ebinyebwa mu sitenseni!

Ababuuka emmere esiridde ne basuula essaaniiko mu kyoto! Abaliisa abaami baabwe ebitaliika mbu babaagale nnyo! Abatabuuza nga babyala! Abatabuuza nga bazze okukuula obubaala! Abateeka mu baana baabwe yirizi mbu ey'obwosi ne yirizi endala! Abalinnyisa emmotoka amagi ng'egenda okutwala omulambo! Yagamba Nannyini buyinza, Allah ﷻ nti:

﴿ قُلْ أَفَرَءَيْتُم مَّا تَدْعُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ إِنْ أَرَادَنِىَ ٱللَّهُ بِضُرٍّ هَلْ هُنَّ كَـٰشِفَـٰتُ ضُرِّهِۦٓ أَوْ أَرَادَنِى بِرَحْمَةٍ هَلْ هُنَّ مُمْسِكَـٰتُ رَحْمَتِهِۦ ۚ قُلْ حَسْبِىَ ٱللَّهُ ۖ عَلَيْهِ يَتَوَكَّلُ ٱلْمُتَوَكِّلُونَ ﴿٣٨﴾ ﴾ الزمر

**Bagambe nti: Mulaba mutya; Ebyo bye musaba ebitali Allah; Singa Allah aba anjagalizza akabi konna, ddala bisobola okunzigyako akabi ako? Ate bw'aba anjagalizza okusaasira kwe, ddala bisobola okuziyiza okusaasira kwe okuntuukako? Bagambe nti: Nze Allah ammalira; Mu Ye abeesiga mwe bassa obwesige bwabwe.**

Abaffe! Tebakimanyi nti empagi y'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** esooka etegeeza kumenyawo bintu ebyo byonna beesigamire Allah yekka balyoke babe Abasiraamu? Abadde abikola nga tamanyi ayanguwe okubivaako atereeze enzikiriza ye, mazima Allah ﷻ musaasizi nnyo era musonyiyi eri abo abadda gyali ne balongoosa.

# ESSANYU LIRIWA?!

Owange ggwe alemedde ku shirik, bw'oba okitegedde nti shirik omunene akufulumya mu Busiraamu, n'asazisaamu emirimu gyo emirungi gyonna gye wakulembeza okukola, n'akuteekesa mu muliro olubeerera, era nga Allah ﷻ talikusonyiwa okuggyako ng'ofudde wamwenenyeza n'olekera awo okumugattako ekintu kyonna, obadde okimanyi nti omuntu asinga obutaba na ssanyu, wadde emirembe, wadde obutebenkevu ye mushiriku ne bw'aba mugagga nnyo? Ne bw'aba mufuzi atiibwa buli omu? Anti omutonzi w'eggulu n'ensi yaziyiza essanyu, n'obutebenkevu, n'obuwanguzi ku mushiriku. Yagamba Allah ow'ekitiibwa nti:

﴿وَلَا يُفْلِحُ ٱلسَّاحِرُ حَيْثُ أَتَىٰ ٦٩﴾ طه

**Era omulogo ne bw'akola atya taliwangula.**

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ وَلَمْ يَلْبِسُوٓا۟ إِيمَٰنَهُم بِظُلْمٍ أُو۟لَٰٓئِكَ لَهُمُ ٱلْأَمْنُ وَهُم مُّهْتَدُونَ ٨٢﴾ الأنعام

**Abo abakkiriza, ne batatabula bukkiriza bwabwe na bulyazaamaanya (shirik), abo be balina emirembe era be bali ku bulungamu.**

N'atukakasa Omutonzi waffe nti ebyo byonna abantu bye bawanjagira ebitali ye, tebisobola kubayamba n'akatono wabula byongera bwongezi nnaku ku nnaku yaabwe, n'okubonaabona ku kubonaabona, n'okubula ku kubula, n'okuzikirira ku kuzikirira. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿وَأَنَّهُۥ كَانَ رِجَالٌ مِّنَ ٱلْإِنسِ يَعُوذُونَ بِرِجَالٍ مِّنَ ٱلْجِنِّ فَزَادُوهُمْ رَهَقًا ٦﴾ الجن

**Era ddala abasajja mu bantu beekingirizanga n'amajinni amasajja ne gabongerera ddala okubula.**

Abashiriku era beerabidde nti buli lwe bakola shirik beereetera bizibu, n'ebibamba, n'obunkenke, ne baleetera n'ensi yaabwe ebibambulira. Ate buli lwe beewala shirik ne beenenyeza Allah ﷻ ne basinza Allah ﷻ yekka, beereetera emirembe n'obutebenkevu era ne baleetera n'ensi yaabwe emirembe n'obutebenkevu. Anti Allah ﷻ abassaako okusaasira kwe, n'abassaako obulabirizi bwe, n'assa emikisa gye mu byonna bye bakola. Ne beeyagala ku nsi ne ku nkomerero. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿وَلَوۡ أَنَّ أَهۡلَ ٱلۡقُرَىٰٓ ءَامَنُواْ وَٱتَّقَوۡاْ لَفَتَحۡنَا عَلَيۡهِم بَرَكَٰتٖ مِّنَ ٱلسَّمَآءِ وَٱلۡأَرۡضِ وَلَٰكِن كَذَّبُواْ فَأَخَذۡنَٰهُم بِمَا كَانُواْ يَكۡسِبُونَ ٩٦﴾ الأعراف

**Singa ddala abantu b'ebibuga bakkiriza era ne batya Allah, twalibagguliddewo emikisa okuva mu ggulu ne mu nsi, kyokka baalimbisa (ababaka abaabatumirwa) ne tubabonereza olw'ebyo bye baakolanga.**

N'agamba Allah ﷻ ku Nabbi we Nuuhu عليه السلام n'abantu be yamutumamu nti:

﴿فَقُلۡتُ ٱسۡتَغۡفِرُواْ رَبَّكُمۡ إِنَّهُۥ كَانَ غَفَّارٗا ١٠ يُرۡسِلِ ٱلسَّمَآءَ عَلَيۡكُم مِّدۡرَارٗا ١١ وَيُمۡدِدۡكُم بِأَمۡوَٰلٖ وَبَنِينَ وَيَجۡعَل لَّكُمۡ جَنَّٰتٖ وَيَجۡعَل لَّكُمۡ أَنۡهَٰرٗا ١٢﴾ نوح

**Ne mbagamba nti mwenenyeze omulezi wammwe, mazima musonyiyi nnyo. Ajja kubawa enkuba eddingana, era ababunduggulire emmaali n'abaana, abateerewo amalimiro, abateerewo n'emigga (egikulukuta).**

Abagagga bameka abateebaka, abasula bagugumuka n'okuleekaana mu mizimbo egy'ebbeeyi olw'ebikolobero bye baakolera mu shirik?! Family mmeka ezaagula amajinni zisobole okuba obulungi nga kati gaabeefuulira dda gali mukubatugumbula n'okutugumbula abatuuze abalala ku byalo?

Obwana obuwala obuwere bumeka obukwatibwa ku biragiro by'amajinni - basobole okugasiimisa gabakolere bye baagala? Abaana bameka abasaddaakiddwa ku biragiro by'amajinni? Abantu abakulu bameka abattiddwa ne basalibwako ebitundu ku mibiri gyabwe ku biragiro by'amajinni? Abamu ne batuuka n'okutta abaana baabwe be beezaalira!! Essanyu ly'omushiriku ku nsi liriwa nga tannayingira muliro ogw'olubeerera?

Obwana bumeka obwanyaluuka enviiri, obulabika obubi ennyo kyokka nga bwetisse enkoloddoli za yirizi mu biwato ku buwuzi obwaguba?! Abantu bameka abashiriku nga be basinga okulabika obubi, obwavu, n'ebizibu?! Abasamize bameka abalabika ng'abalya ku kasassiro nga n'obuyumba bugenda kubagwira?

Abakazi n'abasajja bameka abasiiba ku mmindi kyokka nga busula mu myala mu ntobazi nga mukoka ne kazambi yenna abayita wansi wa bitanda?! Ensi ebanyize tebagifunyeko ssanyu lyonna ate n'omuliro ogw'olubeerera gubalinze singa bafiira ku shirik. ***Innaa Lillaahi Wa Innaa Ilaihi Raaj'uun.*** Singa baali bategeera, baalisinzizza Allah ﷻ yekka ne bawangula essanyu ery'olubeerera. Abo nno be baligamba nti:

﴿وَقَالُواْ لَوۡ كُنَّا نَسۡمَعُ أَوۡ نَعۡقِلُ مَا كُنَّا فِيٓ أَصۡحَٰبِ ٱلسَّعِيرِ ١٠﴾ الملك

**Ne bagamba nti: Singa twali tuwulira oba nga tutegeera tetwalibadde mu bantu b'omuliro Sa'eer.**

Ye abaffe, kiki ekiwewula obwongo bw'omuntu okutuuka okuddukira eri ebitonde ebinafu nga ye n'alekawo Omutonzi w'eggulu n'ensi, atambuza enjuba n'omwezi, aleeta ekiro n'omusana, aliisa ebiri mu bbanga, ku lukalu, mu ttaka ne mu mazzi, atonnyesa enkuba, atta era n'awa obulamu?! Muwewufu nnyo oyo atasobola kuwanika mikono gye n'asaba Omutonzi w'eggulu n'ensi ate ne yeewombeekera mu ssabo.

Muwewufu nnyo oyo atasobola kugumiikiriza bwavu, oba obugumba, oba obulwadde ate n'alowooza nti aligumiikiriza omuliro ogw'olubeerera. Muwewufu nnyo oyo akaafuwalira Allah ﷻ eyamutonda, n'amulabirira, n'amukuza - olw'okuganja eri omusajja gwe yasanga mu bukulu. Muwewufu nnyo oyo akkiririza mu ssabo eririibwa enkuyege n'akaafuwalira omutonzi w'eggulu eritalina mpagi.

Kufa kwokka kwe kukyasibye omushiriku okwambalagana n'obulamu obujjudde entiisa, n'obulumi obuyitirivu, n'okwejjusa okutagasa, n'ebiwoobe ebitalina mutaasa, n'okuwanjaga okutalina mudduukirize. Anti abadde ku nsi ng'ajooga Allah ﷻ ayamutonda, n'akwata bitonde binne n'abiwa ebitiibwa ebyeyawulidde Allah ﷻ yekka, n'abisaba bye bitaatonda! N'abyekingiririza obulwadde nga nabyo birwadde! N'abisaba obugagga nga nabyo byavu! N'abisaba obukuumi nga nabyo biwangaalira mu kutya! Allah ﷻ ky'agamba nti:

﴿ضَعُفَ ٱلطَّالِبُ وَٱلۡمَطۡلُوبُ ٧٣﴾ الحج

**Munafu nnyo oyo asaba, n'ekyo ky'asaba (kinafu nnyo).**

Bw'atyo omuddu n'ajooga Omutonzi we olujooga olw'amaanyi, n'omutonzi we n'amunyigira olunyigira olunene, n'amussaako ebikolimo bye, n'amugoba mu kusaasira kwe, n'amulangirirako

ekigambo eky'amazima, ekinene, eky'entiisa nti: buli afiira ku shirik taliva mu muliro. Yagamba ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَعَنَ ٱلۡكَٰفِرِينَ وَأَعَدَّ لَهُمۡ سَعِيرًا ﴿٦٤﴾ خَٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدٗاۖ لَّا يَجِدُونَ وَلِيّٗا وَلَا نَصِيرٗا ﴿٦٥﴾ يَوۡمَ تُقَلَّبُ وُجُوهُهُمۡ فِي ٱلنَّارِ يَقُولُونَ يَٰلَيۡتَنَآ أَطَعۡنَا ٱللَّهَ وَأَطَعۡنَا ٱلرَّسُولَا۠ ﴿٦٦﴾ ﴾
الأحزاب

**Mazima Allah yakolimira abakaafiiri n'abateekerateekera omuliro ogwokya. Ba kugubeeramu obugenderevu n'obugenderevu, tebalifuna mutaasa wadde omuyambi. Olunaku lwe balikyusibwakyusibwa ebyenyi byabwe mu muliro nga bwe bagamba nti: Nga zitusanze ffe! Singa twagondera Allah ne tugondera n'Omubaka we.**

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ وَظَلَمُواْ لَمۡ يَكُنِ ٱللَّهُ لِيَغۡفِرَ لَهُمۡ وَلَا لِيَهۡدِيَهُمۡ طَرِيقًا ﴿١٦٨﴾ إِلَّا طَرِيقَ جَهَنَّمَ خَٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدٗاۚ وَكَانَ ذَٰلِكَ عَلَى ٱللَّهِ يَسِيرٗا ﴿١٦٩﴾ ﴾ النساء

**Mazima abo abaakaafuwala ne balyazaamaanya, Allah tabangako wa kubasonyiwa wadde okubalungamya eri ekkubo (eggolokofu), wabula (okubazza eri) ekkubo ly'omuliro Jahannama nga ba kugubeeramu olubeerera. Ekyo nno eri Allah kyangu nnyo.**

# ALLAH ﷻ AKKIRIZA OKWENENYA KW'OMUSHIRIKU

Kimanye ggwe abadde akola shirik nti Allah سبحانه وتعالى musonyiyi nnyo eri oyo yenna asalawo ne yeenenya n'ava ku shirik. Oli nnamukisa nnyo okuba nti okyali mulamu era okyasobola okwenenya Allah سبحانه وتعالى n'akkiriza okwenenya kwo n'owona okuba mu muliro ogw'olubeerera. Kimanye nti abantu bangi nnyo abafiiridde ku shirik abatakyalina busobozi bwenenya. Bali mu biwoobe, bali mu ntiisa ey'ekitalo, bali mu bulumi obuyitirivu, bali mu kwejjusa okutagasa, tebakyalina kakisa konna kadda kunsi basobole okuva ku shirik n'okumwenenya.

Baagaana okugumiikiriza emyaka emitono ennyo gye baamala ku nsi ne beesuula mu kubonaabona okw'olubeerera. Obwo nno bwe butabala obusingira ddala okuba obw'ekika ekya waggulu. N'olwekyo, ggwe akyali omulamu ng'obadde okola shirik, weenenyeze Allah سبحانه وتعالى ajja kukusonyiwa era akuddize emirimo gyo gyonna gye yali yasazaamu olwa shirik gw'obadde okola. Yagamba Allah سبحانه وتعالى nti:

﴿ قُلْ يَٰعِبَادِيَ ٱلَّذِينَ أَسْرَفُوا۟ عَلَىٰٓ أَنفُسِهِمْ لَا تَقْنَطُوا۟ مِن رَّحْمَةِ ٱللَّهِ ۚ إِنَّ ٱللَّهَ يَغْفِرُ ٱلذُّنُوبَ
جَمِيعًا ۚ إِنَّهُۥ هُوَ ٱلْغَفُورُ ٱلرَّحِيمُ ٥٣ ﴾ الزمر

**Bagambe nti: Abange mmwe abaddu bange abajjudde ebyonoono! Temuggwamu ssuubi (er'okusonyiyibwa) n'okusaasira kwa Allah. Mazima Allah asonyiwa amazambi gonna, Mazima ye Musonyiyi, Omusaasizi.**

N'agamba Allah سبحانه وتعالى ng'atutegeeza nti eyeenenya shirik nga tannafa, Allah سبحانه وتعالى amuddiza emirimo gye:

﴿وَمَن يَرۡتَدِدۡ مِنكُمۡ عَن دِينِهِۦ فَيَمُتۡ وَهُوَ كَافِرٞ فَأُوْلَٰٓئِكَ حَبِطَتۡ أَعۡمَٰلُهُمۡ فِي
ٱلدُّنۡيَا وَٱلۡأٓخِرَةِۖ وَأُوْلَٰٓئِكَ أَصۡحَٰبُ ٱلنَّارِۖ هُمۡ فِيهَا خَٰلِدُونَ ٢١٧﴾ البقرة

**Era oyo akyuka mu mmwe n'ava mu ddiini ye, n'afa nga mukaafiiri, abo emirimo gyabwe giba gisaanyewo ku nsi ne ku nkomerero, era abo be ba nannyini muliro gwe batalivaamu.**

Aya eno etegeeza nti arutadda n'ava mu Busiraamu, n'akomawo mu Busiraamu nga tannafa, emirimo gye gimuddizibwa. Ate afa nga takomyewo mu Busiraamu talinaayo mulimo gwonna mulungi gw’asanga eri Allah.

## OBUKWAKKULIZO BW'OKWENENYA

**Akakwakkulizo akasooka**, kwe kuyimiriza ezzambi ly'obadde okola. Omuntu bwe yeenenya ezzambi ng'ate bw'agenda mu maaso n'okulikola, okwenenya kwe tekukkirizibwa.

**Akakwakkulizo ak'okubiri**, kwe kumalirira obutaddayo kukola zzambi eryo. Singa omuntu ayimiriza ezzambi n'alyenenya kyokka nga mu mutima gwe mumalirivu okuddamu okukola ezzambi eryo nga wayiseewo ekiseera, era okwenenya okwo kuba kufu. Kyokka bw'aligwamu nga yali amaliridde obutaliddamu, era addamu ne yeenenya.

**Akakwakkulizo ak'okusatu**, kwe kwejjusa ezzambi eryo. N'oba n'okwejjusa mu mutima gwo olw'okweryazaamaanya n'olwokunyiza Allah ﷻ. Yagamba Omubaka ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Sa'eed al Answari رضي الله عنه nti:

اَلنَّدِمُ تَوْبَةٌ وَالتَّائِبُ مِنَ الذَّنْبِ كَمَنْ لاَ ذَنْبَ لَهُ

(رواه ابن مَندَه وأبُو نُعَيم صَحَحَّهُ الألبَانِي فِيْ صَحِيْحِ الجَامِع)

**Okwejjusa kuba kwenenya. N'eyeenenya ezzambi aba ng'atalikolangako.**

Ate ensobi bw'oba wagikola muntu munno, awo kweyongerako **akakwakkulizo ak'okuna;** Oteekeddwa okumuddiza kye wamulyazaamaanya. Bwe kiba kintu kikalu oba ssente oteekeddwa okukimuddiza. Bwe kuba kumugeya oba okumutemerera oba ekirala bwekityo, oteekeddwa okumwenenyeza bwe muba nga mukumwenenyeza tolabamu bulabe.

Kikulu nnyo era okumanya nti ssi kakwakkulizo nti omuntu akoze ekimuggya mu Busiraamu ateekeddwa okwogera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** okudda mu Busiraamu. Kimumalira okukivaako, n'okumalilira obutakiddamu, n'okwejjusa mu mutima – okudda mu Busiraamu. Okugaziwa ku nsonga zino zonna ze tulabye waggulu mu bufunze, soma ebitabo byaffe: ***Enzikiriza Y'omusiraamu Entuufu,*** n'ekirala: ***Ebintu Ekkumi Ebiggya Omuntu Mu Busiraamu,*** ebisangibwa mu bifo byonna omutundirwa ebitabo by'obusiraamu.

## OBUKWAKKULIZO BWA
# LAA ILAAHA ILL'ALLAH

Yagamba omumanyi ow'ekitiibwa ennyo ayitibwa Wahab Ibn Munabbih oluvannyuma lw'okubuuzibwa nti:

سُئِلَ وَهَبُ بن مُنَبّه: أَلَيْسَ مِفْتَاحُ الجَنَّةِ لاَ إِلَهَ إِلاَّ الله، قَالَ: بَلَى وَلَكِنْ مَا مِنْ مِفْتَاحٍ إِلاَّ وَلَهُ أَسْنَانٌ، فَإِنْ جِئْتَ بِمِفْتَاحٍ لَهُ أَسْنَانٌ فُتِحَ لَكَ، وَإِلاَّ لَمْ يُفْتَحْ لَكَ،

(رواه البخاري في الجنائز تعليقا)

**Wahab Ibn Munabbih yabuuzibwa nti: Ekigambo *Laa ilaaha Ill'Allah* ssi kye kisumuluzo ky'ejjana? N'ayanukula nti: Yee, naye tewali kisumuluzo okuggyako kibaako amannyo; bw'okireeta nga kiriko amannyo oggulirwawo, bwe kitabaako mannyo, toggulirwawo.**

Amannyo g'ekisumuluzo ky'ejjana (***Laa ilaaha Ill'Allah***) bwe bukwakkulizo bwa ***Laa ilaaha Ill'Allah*** omusanvu. Bw'olijja mu maaso ga Allah ne ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ejjuzza obukwakkulizo obwo, Ejjana ojja kugiyingira. Singa osuulako akakwakkulizo kamu kokka Obusiraamu oba obuvuddemu nga n'ejjana tosobola kugiyingira.

Anti akakwakkulizo k'ekintu bwe kabulawo ekintu ekyo tekisobola kubaawo ng'esswala bw'etasobola kutuuka nga tewali wuzu, oba okuyingira kw'obudde bw'esswala, n'obukwakkulizo bw'esswala obulala. Okubukwata mu mutwe si kya tteeka wadde okubusengeka, wabula okubutegeera n'obuteeka mu bulamu bwo kye ky'etteeka era kye kikuwonya obukaafiiri. Mu bufunze ennyo bwe buno:

## OKUMANYA OKUMENYAWO OBUTAMANYA
## (Al-Elm al munaafi liljahl)

**Akakwakkulizo akasooka**, kwe kumanya amakulu g'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** n'omenyawo obutagamanya. Kya tteeka Omusiraamu okumanya amakulu gaakyo olw'ekiragiro kya Allah ﷻ kye yagamba nti:

﴿ فَٱعۡلَمۡ أَنَّهُۥ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا ٱللَّهُ ﴾ ١٩ محمد

**Manya nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah.**

N'agamba Allah ﷻ ng'atunyumiza kw'abo bokka abajja okukkirizibwa okuwolereza abantu ku lunaku lw'enkomerero nti:

﴿ إِلَّا مَن شَهِدَ بِٱلۡحَقِّ وَهُمۡ يَعۡلَمُونَ ﴾ ٨٦ الزخرف

**Okuggyako oyo (aliwolereza) ye yajulira amazima (*Laa ilaaha Ill'Allah*) nga (n'amazima ge yajulira) 'agamanyi bulungi'.**

N'agamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku mukulembeze w'abakkiriza, Uthmaan Ibn Affaan رضي الله عنه nti:

مَنْ مَاتَ وَهُوَ يَعْلَمُ أَنَّهُ لاَ إِلَهَ إِلاَّ الله دَخَلَ الجَنَّة (رواه مسلم)

**Omuntu afa, naye 'ng'amanyi', nti mazima tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah ayingira Ejjana.**

Singa omuntu ayogera ekigambo ekyo kyokka nga tamanyi makulu gaakyo, omuntu oyo taba Musiraamu. Amakulu gaakyo twagalabye dda nti kitegeeza ***"tewali kisinzibwa mu***

***butuufu okuggyako Allah***" – nga kwe kumenyawo ebisinzibwa byonna ebitali Allah ﷻ n'oyimirizaawo okusinzibwa kwe yekka. Amakulu ago buli yenna akyogera g'ateekeddwa okuba nago mu mutima gwe.

Omuntu bw'akyatula n'olulimi kyokka ng'omutima gwe nebwe gusiriikirira tegumanya makulu g'ekyo olulimi kye lwatudde, nannyini kukyatula tekimugasa. Wabula bw'aba abadde mukaafiiri ng'ayagala okusiramuka, tumwogeza ekigambo ekyo ne tutandikira awo okumunnyonnyola amakulu gaakyo. Bw'agategeera n'agakolerako aba afuuse Omusiraamu omujjuvu, ate bwe yeesamba okugategeera oba n'agategeera kyokka n'alemera ku bigamenyawo, aba ssi Musiraamu.

Obutamanya makulu ga kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kye kisinze okuwangaaliza abantu mu shirik nga balowooza nti ddoboozi lya kigambo ekyo lye libafuula Abasiraamu so ssi makulu gaakyo!! Omuntu yenna atamanyi makulu ga kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** aba mukaafiiri kubanga amakulu g'ekigambo ekyo ge gafuula akyatudde Omusiraamu so ssi ddoboozi.

## OKUKIKAKASA KU MUTIMA OKUMENYAWO OKUBUUSABUUSA KWONNA (Al-yaqiin al munaafi li-sshakk)

Akakwakkulizo ak'okubiri mu bukwakkulizo bwa ***Laa ilaaha Ill'Allah***, kwe kukakasa ekigambo ekyo ku mutima n'omenyawo okubuusabuusa kwonna. Yagamba Allah ﷻ:

﴿إِنَّمَا ٱلْمُؤْمِنُونَ ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ بِٱللَّهِ وَرَسُولِهِۦ ثُمَّ لَمْ يَرْتَابُوا۟ ﴿١٥﴾﴾ الحجرات

**Mazima ddala Abakkiriza, beebo bokka abakkiriza Allah n'omubaka we. Oluvannyuma (lw'okukkiriza), ne 'batabuusabuusa'**

N'omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Hurairat ؓ, yatutegeeza nti obutabuusabuusa makulu ga kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kakwakkulizo mu bukwakkulizo bw'okuyingira Ejjana: Yagamba nti:

**أَشْهَدُ أَنْ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ وَأَنِّي رَسُوْلُ اللهِ. لاَ يَلْقَى اللهَ بِهِمَا عَبْدٌ غَيْرَ شَاكٍّ فِيْهِمَا إِلاَّ دَخَلَ الجَنَّة** (رواه مسلم)

**Njulira nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, (n'enjulira) nti: Nange ndi Mubaka wa Allah. Tewali muddu asisinkana Allah n'okujulira okwo okw'emirundi ebiri 'nga tabuusabuusa mu kwo' okuggyako ayingira Ejjana.**

Okukakasa ekigambo kino kumenyawo okubuusabuusa, obutasalawo, n'okulowooza obulowooza. Omuntu bw'akyatula kyokka n'asigala ng'abuusabuusa obutuufu bwakyo oba ebyo bye kitegeeza taba Musiraamu, wabula aba munnanfuusi omukaafiiri. Kino kitwaliramu agamba mbu ye tasosola mu madiini, tavumirira madiini malala era mbu gonna agawa ekitiibwa. Ateekeddwa okugakaafuwalira gonna n'akaafuwaza n'abagoberezi baago bonna n'alyoka aba Omusiraamu.

Ate obutasalawo kitegeeza omuntu okulaba ekintu ekimenyawo ekigambo ekyo nga shirik omweyolefu, n'atasalawo nti ono shirik wadde okumulwanirira nti ssi shirik. Ng'okubuuzibwa ku musamize oba aba mushiriku n'ayanukula nti: "Siyinza kugamba nti aba mushiriku wadde okugamba nti ssi mushiriku".

Ate okulowooza obulowooza, eky'okulabirako, ye muntu okubeera mu Busiraamu nga takakasiza ddala nti ddiini eyava ewa Allah ﷻ wabula n'agiwangaaliramu ng'alowooza bulowooza nti eringa eyava ewa Allah ﷻ era nga bw'awulira omukaafiiri ng'alina ky'ayogera ku nsonga z'eddiini amuwa amatu n'amuwuliriza nga bw'agamba mu mutima nti: "Munnange, tomanya bano bayinza okuba nga be batuuufu!!" Yagamba Omutonzi Allah nti:

﴿ وَمَن يَبْتَغِ غَيْرَ ٱلْإِسْلَٰمِ دِينًا فَلَن يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِى ٱلْءَاخِرَةِ مِنَ ٱلْخَٰسِرِينَ ﴿٨٥﴾ ﴾

آل عمران

**N'oyo yenna asiima eddiini etali Busiraamu, Allah tagenda kugikkiriza, era ku nkomerero aliba mw'abo abafaafaaganiddwa.**

Oba okubeera awo ng'alowooza bulowooza nti olunaku lw'enkomerero 'lulabika gye luli' oba nti Qur'aan 'kirabika kitabo kya Allah! Oba ng'agamba mbu amadiini makubo bukubo ag'enjawulo agatutuusa eri Katonda. Mbu anti ayise e Gayaaza n'ayise e Mukono bonna batuuka e Kayunga. Omuntu oyo aba tannasiramuka ebbanga ly'amala nga tannatta nzikiriza ndala zonna era bw'afa, aba afudde mukaafiiri yennyini ataliva mu muliro wadde abadde asaala n'abasiraamu era ng'asiiba nabo nga n'erinnya alina lya Basiraamu.

Singa omuntu abuusabuusa okubeerayo kwa Allah ﷻ, oba n'abuusabuusa mu kubeera nti Muhammad ﷺ nabbi era mubaka wa Allah, oba ng'abuusabuusa okubeerayo kw'olunaku lw'enkomerero oba omuliro n'Ejjana n'ebibonerezo by'entaana oba okubaayo kwa ba Malaika oyo akaafuwala butereevu n'ava mu Busiraamu.

Era mu bikulu akyatudde by'ateekeddwa okukakasa, kwe kuba nti buli yenna afa nga takkiriza kigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah*** ne bw'aba muzadde we oba mwana we oba wa luganda lwe oba mukwano gwe, aba mukaafiiri ateekeddwa okuyingira omuliro agubeeremu obugenderevu n'obugenderevu. Buli afa nga ssi Musiraamu taliva mu muliro ne bw'aba nga ye yali asinga empisa ku kyalo. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿إِنَّ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ مِنۡ أَهۡلِ ٱلۡكِتَٰبِ وَٱلۡمُشۡرِكِينَ فِي نَارِ جَهَنَّمَ خَٰلِدِينَ فِيهَآۚ أُوْلَٰٓئِكَ هُمۡ شَرُّ ٱلۡبَرِيَّةِ ٦﴾ البينة

**Mazima abo abakaafiiri, bannannyini kitabo (Jews and Christians), n'abashiriku, ba kubeera mu muliro Jahannama obugenderevu n'obugenderevu, era by'ebitonde ebisinga obubi.**

## OKUKKIRIZA BYONNA LAA ILAAHA ILL'ALLAH BYE KITEGEEZA N'OTABIWAKANYA (Al-Qabuul al munaafi lirradd)

**Akakwakkulizo ak'okusatu** mu bukwakkulizo bwa ***Laa ilaaha Ill'Allah***, kwe kukkiriza n'omutima wamu n'olulimi byonna bye kitegeeza n'otawakanya kintu kyonna ku byo. Singa Omusiraamu awakanya ekintu kyonna ky'akakasiza ddala nti kya mu Busiraamu olw'okwekuza, oba olw'okugoberera okwagala kw'omutima gwe, oba olw'okulwanirira eby'obuwangwa bya kabira ye, oba okulwanirira ebyo bye yasangako ba Jajjaabe, ne bwe kitaba kya tteeka (waajib), omuntu oyo akiwakanyizza ava mu Busiraamu. Yagamba Allah ﷻ ng'atunyumiza ensonga ezigenda okuyingizisa abakaafiiri mu muliro:

﴿ إِنَّهُمْ كَانُوٓا۟ إِذَا قِيلَ لَهُمْ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا ٱللَّهُ يَسْتَكْبِرُونَ ﴿٣٥﴾ وَيَقُولُونَ أَئِنَّا لَتَارِكُوٓا۟
ءَالِهَتِنَا لِشَاعِرٍ مَّجْنُونٍۭ ﴿٣٦﴾ ﴾ الصافات

**Mazima bwe baagambibwanga nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah yekka, nga beekuza. Nga bagamba nti: Mazima ffe tuleke ba katonda baffe olw'omutontomi omulalu?**

N'agamba Nannyini buyinza Allah ku ssaabakaafiiri, kiwagi Fir'aun n'abantu be, nti:

﴿ وَجَحَدُوا۟ بِهَا وَٱسْتَيْقَنَتْهَآ أَنفُسُهُمْ ظُلْمًا وَعُلُوًّا ۚ فَٱنظُرْ كَيْفَ كَانَ عَٰقِبَةُ ٱلْمُفْسِدِينَ ﴿١٤﴾ ﴾
النمل

**Ne babuwakanya (obubonero bwa Allah) olw'obulyazaamaanya bwabwe n'okwekuza, (kyokka) ng'emyoyo gyabwe gibukakasiza ddala nti bwa mazima. Kale tunuulira enkomerero y'aboonoonyi bwe yali.**

Kimanye owange ggwe Omukkiriza, nti Omusiraamu ateekeddwa okwaniriza n’okukkiriza n’okukakasa ekintu kyonna Allah ﷾ kye yayogera oba ekyayogerwa Omubaka we Muhammad ﷺ ne bwe kiba kikyamulemye okussa mu nkola oba okwewala. Ne bwe kiba tekiyingira mu magezi ge. Singa akiwakanya oba n’akikyawa oba n’alwanyisa abo abafubye okukissa mu nkola ava mu Busiraamu. Ate akaluubirirwa okukissa mu nkola olw'obunafu bw'obukkiriza bwe, kyokka ng'akikkiriza era ng'akiwa ekitiibwa, oyo taba mukaafiiri wabula aba Musiraamu omukendeevu w'obukkiriza.

Mu ngeri y'emu, omuntu takkirizibwa kuhalalisa Allah ﷾ kye yaharamisa wadde okuharamisa Allah kye yahalalisa. Omuntu

yenna agamba nti Mwebe takkirizibwa kulya nseenene, oba nti Mubiru takkirizibwa kulya mamba, oba nti Nakyanzi takkirizibwa kulya nte, oba nti Nannyondo takkirizibwa kufumbirwa Sennyondo, oba nti Nansamba takkirizibwa kufumbirwa Nsamba, ng'akimanyi bulungi nti ebyo byonna by'aziza ku abantu Allah ﷾ tabibazizangako, wabula ye ng'asukkulumya eby'obuwangwa ku Busiraamu, akaafuwala n'ava mu Busiraamu. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ قُلْ أَرَءَيْتُم مَّآ أَنزَلَ ٱللَّهُ لَكُم مِّن رِّزْقٍ فَجَعَلْتُم مِّنْهُ حَرَامًا وَحَلَٰلًا قُلْ ءَآللَّهُ أَذِنَ
لَكُمْ أَمْ عَلَى ٱللَّهِ تَفْتَرُونَ ﴿٥٩﴾ وَمَا ظَنُّ ٱلَّذِينَ يَفْتَرُونَ عَلَى ٱللَّهِ ٱلْكَذِبَ يَوْمَ ٱلْقِيَٰمَةِ ۗ ﴿٦٠﴾ ﴾
**يونس**

**Bagambe nti: Mulaba riziki Allah gye yabassiza! Kyokka mmwe ne muggyamu ebimu kw'ebyo (bye yabassiza ne mugamba) nti biri haraam ate ebirala nti biri halaal! Bagambe nti: Allah ye yabawa olukusa (okukikola) oba mwasalawo kumulimbirira? Ye abo abalimbirira Allah balowooza ki ku lunaku lw'enkomerero?**

Tewali muntu akkirizibwa kugaana bantu kintu Allah ﷾ kye yabakkiriza wadde okubakkiriza Allah kye yabagaana - ne bw'aba mukulembeze waabwe ow'ennono nga Kabaka oba Omugabe oba Kyabazinga oba Omukama n'abalala. Omusiraamu era takkirizibwa kugondera byabuwangwa byonna bikontana n'obusiraamu wadde okubiwa ekitiibwa.

## OKWEWAAYO OKUSSA MU NKOLA BYONNA BYE KITEGEEZA (Al- inqiyaad wal istislaam)

Kitegeeza okwewaayo n'okujeemulukukira Allah ﷻ mu ebyo bye yassa n'otabyesamba wadde okubirondobamu. Ako ke **kakwakkulizo ak'okuna**. Abantu bangi bagamba nti bakkiriza Obusiraamu nti ddiini ntuufu era ne beekakasaako Obusiraamu wabula ne basigala nga bawakanya ebimu kw'ebyo ebiri mu Busiraamu ebitakwatagana na kwagala kwa mitima gyabwe. Bakkirizaako bye baagadde ebirala ne babigaana! Bagamba mbu eddiini ekoma mu mizikiti; telamula mu bulamu bw'abantu obw'ebweru (public life)!

Mbu eddiini teyingizibwa mu bya bufuzi wadde eby'enfuna wadde okulamula! Mbu abantu balina eddembe okuwangaala nga bwe balabye era buli abalagira empangaala gye bateekeddwa okuwangaalamu aba alinnyiridde eddembe lyabwe ery'obwebange! Baagala abantu babeere ku nsi nga ba kyetwala, nga balinga abatalina Mutonzi yabatonda agwanidde okubalagira n'okubagaana! Subhaanallah! Omutonzi Allah ﷻ talina buyinza ku bantu be be yeetondera?!

Ebibonerezo Allah ﷻ bye yateeka mu Qur'aan babivumirira ng'abakaafiiri ab'olwatu bwe babivumirira! Mbu tebikyatuukana na mulembe! Mbu bikolwa bya bwannalukalala! Batuuka n'okuwagira abakaafiiri okusaanyawo Abasiraamu abafuba okulamuza amateeka ga Allah ﷻ era ne beegatta nabo mu kubatuuma buli linnya ebbi babakyayise buli muntu. Omulamuzi omukaafiiri bw'asindika omutemu ku kalabba ng'alamuzza constitution, bakuba mu ngalo ne bamutendereza obwenkanya. Ate Omusiraamu bw'alamula omutemu attibwe ng'alamuzza na Qur'aan oyo aba

nnalukalala attira abantu obwereere ateekeddwa okusaanyizibwawo!!

Bw'awulira nti batemako ababbi emikono nga yeesisiwala! Kyokka ng'ali mw'abo abookya omubbi abbye eggaali! Ne bamuttira mu bulyazaamaanya n'obulumi obw'ekitalo kyokka nga shaitwan bw'ebagamba nti bo bantubalamu okusinga abatemako omubbi omukono n'asigaza omulala n'afuuka eky'okuyiga eri buli yenna amulabako ate ng'asigadde mulamu! Omuntu yenna akyawa okulamula kwa Allah n'omubaka we aba mukaafiiri yennyini ow'ekikolo. Anti Allah yamenyawo Obukkiriza ku muntu oyo mu Ayat nyingi nnyo ng'ezo ebbiri z'olaba wansi. Yeerayira Allah ﷻ nti:

﴿ فَلَا وَرَبِّكَ لَا يُؤْمِنُونَ حَتَّىٰ يُحَكِّمُوكَ فِيمَا شَجَرَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ لَا يَجِدُوا
فِي أَنفُسِهِمْ حَرَجًا مِّمَّا قَضَيْتَ وَيُسَلِّمُوا تَسْلِيمًا ﴿٦٥﴾ ﴾ النساء

**Nedda, Ndayira Omulezi wo! Tebasobola kuba Bakkiriza okutuusa nga bakulamuzisizza mu byonna ebigwawo wakati waabwe ate oluvannyuma ne batafuna nkenyera yonna mw’ekyo ky’oba olamudde wabula ne beewaayo olwewa.**

N'agamba Omulamuzi Allah nti:

﴿أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ يَزْعُمُونَ أَنَّهُمْ آمَنُوا بِمَا أُنزِلَ إِلَيْكَ وَمَا أُنزِلَ مِن قَبْلِكَ يُرِيدُونَ
أَن يَتَحَاكَمُوا إِلَى الطَّاغُوتِ وَقَدْ أُمِرُوا أَن يَكْفُرُوا بِهِ ﴿٦٠﴾ ﴾ النساء

**Abaffe tolaba abo (abannanfuusi) abagamba mbu bakkiriza ebyakussibwako n’ebyo ebyassibwa olubereberye lwo ate nga beegomba okulamuza ebitali Allah so nga baalagirwa okubikaafuwalira!**

## AMAZIMA AGAMENYAWO OBULIMBA N’OBUNNANFUUSI
## (Asswidiq al munaafi lilkadhib wa-nnifaaq)

Kitegeeza obutalimbisa kigambo ekyo ne bye kitegeeza kungulu ne mu mutima munda. Omuntu taba Musiraamu okutuusa ng'akakasirizza ddala nti byonna ebiri mu Qur'aan ne Hadiith z'omubaka entuufu mazima gennyini agataliimu kubuusabuusa kwonna. Bw'alimbisaayo ekintu kimu kyokka mu ddiini, oluvannyuma lw'okufuna obujulizi nti kya mu ddiini, ne bw'akkiriza ebisigadde byonna aba mukaafiiri ow'ekikolo. Anti aba alimbisizza Allah n'omubaka we. Obumu ku bujulizi bw'akakwakkulizo kano, ky'ekigambo ky'omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Anas ﵁. Yagamba ﷺ nti:

مَا مِنْ أَحَدٍ يَشْهَدُ أَنْ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ وَأَنَّ مُحَمَّدًا رَسُوْلُ اللهِ صِدْقًا مِنْ قَلْبِهِ إِلاَّ حَرَّمَهُ اللهُ عَلَى النَّارِ (رَوَاهُ البُخَارِي وَ مُسْلِم)

**Tewali n'omu ajulira 'mu mazima' nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, nti ne Muhammad Mubaka we okuggyako nga Allah ﷻ aziyiza omuliro ku ye.**

Singa omuntu akirimbisa kungulu ne munda, aba mukaafiiri ow'olwatu, ate singa akirimbisa munda n’ayolesa okukikkiriza ku ngulu, aba mukaafiiri omunnanfuusi – nga ye aba mubi nnyo okusinga eyakirimbisa munda ne kungulu era ajja kuba ku ntobo y'omuliro wansi w'abakaafiiri ab'olwatu!

## OKUKOLA IBAADA KU LWA ALLAH YEKKA
## (Al-ikhlaasw al munaafi lisshirik)

**Akakwakkulizo ak'omukaaga** mu bukwakkulizo bwa ***Laa ilaaha Ill'Allah*** kwe kukakasa nti okusinza kwonna – okw'ebigambo, okw'ebikolwa n'okwomutima, okw'etteeka n'okwa kyeyagalire, kuteekeddwa kukolerwa Allah ﷻ yekka. Asiibira omuti akaafuwala. Asaalira essanamu akaafuwala. Asalira omusingi enkoko akaafuwala. Eyeenenyeza seeka ng'abakatuliki bwe bejjusiza faaza akaafuwala. Eyeeyalira Kabaka akaafuwala. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿فَٱدۡعُواْ ٱللَّهَ مُخۡلِصِينَ لَهُ ٱلدِّينَ وَلَوۡ كَرِهَ ٱلۡكَٰفِرُونَ ١٤﴾ غافر

**N'olwekyo musabe Allah ng'eddiini yonna mugikolera ye yekka, wadde ng'abakaafiiri bakitamwa**

Omubaka ﷺ n'agamba mu Hadiith eva ku Utbaan Ibn Maalik رضي الله عنه nti:

إِنَّ اللهَ حَرَّمَ عَلَى النَّارِ مَنْ قَالَ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ يَبْتَغِي بِذَلِكَ وَجهَ اللهِ (رواه البخاري و مسلم)

**Mazima Allah yaziyiza omuliro ku muntu agamba nti: *Laa ilaaha Ill'Allah* nga (mu kukyogera) anoonyamu kusanyusa kyenyi kya Allah yekka.**

Buli kusinza kwonna Allah kwe yalagira mu Qur'aan oba Omubaka kwe yalagira mu Sunnah, akukolera ekitali Allah akaafuwala. Yagamba Allah سبحانه وتعالى nti:

﴿فَمَن كَانَ يَرۡجُواْ لِقَآءَ رَبِّهِۦ فَلۡيَعۡمَلۡ عَمَلٗا صَٰلِحٗا وَلَا يُشۡرِكۡ بِعِبَادَةِ رَبِّهِۦٓ أَحَدَۢا ١١٠﴾ الكهف

**Oyo yenna asuubira okusisinkana Omulezi we, akole emirimo emirungi era tekamutandanga n'agatta ku Mulezi we mu kumusinza ekintu kyonna.**

## OKWAGALA EKIGAMBO EKYO, BANNANNYINI KYO, N'EBYO BYONNA BYE KITEGEEZA (Al-mahabba)

**Akakwakkulizo ak'omusanvu**. Omuntu bw'amala okutegeera ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah,*** n'ategeera ekitiibwa kyakyo, obukulu bwakyo, emigaso gyakyo n'obulungi bwakyo, aba ateekeddwa okwagala ekigambo ekyo n'okukigulumiza n'okukisukkulumya ku bigambo byonna olw'obusukkulumu bw'amakulu gaakyo ku makulu g'ebigambo ebirala. Ateekeddwa okwagala Ow'ekitiibwa Allah olwagala lw'atayagala kitonde kyonna. Ateekeddwa okwagala Omubaka Muhammad ﷺ okusinga bwe yeeyagala. Ayagala Abakkiriza bonna n'ebyo byonna bye kitegeeza n'atabaako ky'atamwa kyonna.

Era aba ateekeddwa okukyawa ekyennyume kyakyo (obukaafiiri ne shiriki) n'abo abatakirina olukyawa lw'atakyawa kintu kirala kyonna. Tasobola kusukkulumya mukaafiiri asinga obwenkanya ku Musiraamu asinga obulyazaamaanya - wadde ng'ateekeddwa okutamwa obulyazaamaanya bw'omusiraamu oyo. Anti teri bulyazaamaanya businga kukaafuwalira Allah eyakutonda ate n'omulekawo n'osinza ebirala. Singa omuntu abaako ky'atamwa kyonna mu ddiini ya Allah ﷻ, akaafuwala butereevu ng'ekyatuuka ku bano Allah ﷻ b'atunyumizako nti:

﴿ ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ كَرِهُوا۟ مَآ أَنزَلَ ٱللَّهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَٰلَهُمْ ﴿٩﴾ ﴾ محمد

**Ekyo, lwa kuba nti Mazima ddala baatamwa ebyo Allah bye yassa, ne (Allah) n'asazaamu emirimu gyabwe**

N'agamba Omubaka ﷺ mu Hadiith eva ku Anas Ibn Maalik رضي الله عنه:

ثَلاَثٌ مَنْ كُنَّ فِيْهِ وَجَدَ بِهِنَّ حَلاَوَةَ الإِيْمَانِ: أَنْ يَكُوْنَ اللهُ وَ رَسُولُهُ أَحَبَ إِلَيْهِ مِمَّا سِوَاهُمَا وَأَنْ يُحِبَّ المَرْءَ لاَ يُحِبُّهُ إِلاَ لِلَّهِ وَأَنْ يَكْرَهُ أَنْ يَعُوْدَ فِي الكُفْرِ بَعْدَ إِذْ أَنْقَذَهُ اللهُ مِنْهُ كَمَا يَكْرَهُ أَنْ يُقْذَفَ فِي النَّارِ (رواه البخاري و مسلم)

**Ebintu bisatu gwe bikunganiramu abifunamu obuwoomerevu bw'obukkiriza: Okubeera nga Allah n'Omubaka we be basinga okuba abaagalwa gy'ali okusinga kyonna ekitali bo. N'okwagala omuntu nga tewali nsonga emumwagazisa okuggyako Allah. N'okutamwa okudda mu bukaafiiri oluvannyuma lwa Allah okubumuggyamu nga bw'atamwa okukasukibwa mu muliro.**

Omusiraamu gy'akoma okukyawa obukaafiiri, Imaan ye gy'ekoma okuba waggulu. Obukyayi gye bukoma okuba obutono ne Imaan ye gy'ekoma okuba entono. Obukyayi bwe bumuggwamu aba akaafuwadde.

**Mu bufunze ennyo**, obwo bwe bukwakkulizo bw'ekigambo ***Laa ilaaha Ill'Allah.*** Ayagala okubumanya mu bugazi, soma ekitabo: ***"Enzikiriza Y'omusiraamu Entuufu".*** Ekitabo ekyo kikugaziyiza enzikiriza entuufu eyo Omusiraamu gy'afiirako n'ayingira Ejjana. Kikulu nnyo okukisoma ne weekakasa nti enzikiriza gy'olina y'eyo Allah ﷻ gy'ayagala n'otaba mw'abo abakola emirimu nga Allah ﷻ tagikkiriza olw'obutaba Basiraamu.

Nsaba Allah ﷻ Omusaasizi ow'ekisa ekingi, atebenkedde ku Arsh ey'ekitiibwa, eri waggulu w'amagulu omusanvu, atendebwa n'amatendo agataliimu bukendeevu bwonna, atazaala era ataazaalibwa, atalina kintu kyonna kimugeraageranyizibwako wadde okumufaanana, asse omukisa mu kitabo kino, agase nakyo abaddu be, era

akitufuulire ensonga y'okuwona ebibonerezo bye ebyo bye yategekera abakaafiiri n'abajeemu.

Musaba akkirize nti nkiwandiise ku lulwe era ampeemu empeera enzijuvu ezirintaasa ku lunaku emmaali lw'eterigasa wadde abaana. Nkusaba Ayi Allah ﷻ osse okusaasira kwo ku Basiraamu bonna era obasonyiwe ensobi zaabwe, obayingize Ejjana ey'ekitiibwa. Okusaasira n'emirembe bibe ku Mubaka Muhammad ﷺ ne bakyala be ba maama b'abakkiriza, ne ba swahaaba be ab'ebitiibwa, n'abo bonna abagoberera obulungamu bwe okutuusa engombe y'enkomerero lw'erifuuyibwa.

***Muhammad Quraish Mazinga***
***Dar Al Hadiith***
***Hadhramout***
***Yemen***
***8th – July -2012***

***Alina ky'abuuza oba ky'awabula, ndi ku:***

***shkmazinga@gmail.com***

***oba:***

***0702 55 10 77***